# Okubeerawo Kwa Katonda Obutategeerebwa

Topeka, Kansas, USA

Juuni 18, 1964

1 Kaakati nga ebibiina byaffe bikyali bitono, tugenda kugezaako okwanguwako, tufulume tulyoke, tukolere ekigendererwa kimu kino kyokka, mmwe musobole okutegeera Okubeerawo kwa Yesu Kristo. Olaba? Bw'Aba Waali, awo nno, kale, buli kimu kiba kiteredde. Yakola Ekigambo. Ali wano okukinyweza. Akakasa nti Ajja kukikola." Y'Omu jjo leero, n'emirembe gyonna." Twamulabye nga'Akola akawungeezi ka jjo, obutawakanyizibwa, tumulaba, buli kawungeezi, ne buli lunaku, mwaka ku mwaka. Tewali mulundi gwonna lwe yalagula ekintu, ssi nsonga oba kyaliwo ddi, nga kya kubeerawo ddi, emirundi nkumi na nkumi, okutuukirira ddala, mu budde, era mu butuufu nga bwe byalagulwa. Kisoboka kitya? Bameka ekyo abakimanyi, n'obuweereza, era abamanyi nti ekyo kituufu? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.] Kiikyo awo. Tewabangawo mulundi wadde ogumu, ssi nsonga, wadde nga tekisoboka, era mu buli ngeri kyatuukirira. Ye Katonda! Era ssinga tukitegeera ekyo, ne tukinywererako!

2 Kale kaakati tulina obudde butono okubeera wano. Ndowooza ennaku endala essatu, oba ebbiri emisana n'ekiro, okutandika n'enkya. Ndowooza okusaba okw'oku Sande kwe kugenda okuggalawo. Tugenda kugezaako okuggalawo ku Sande olw'eggulo kibe nti abasumba na buli omu yenna….Tetwagala kubalemesa kugenda mu makanisa gammwe. Twagala kwongera bwongezi ku kkanisa, twongere okubawa okukkiriza mu Katonda gwe muweereza mu kkanisa zammwe. Olaba? Kale tetwagala nzigi za makanisa gammwe kuba nzigale, mu ngeri yonna. Twagala musigale eyo, naye tugezaako bugeza kubayamba, okubazzaamu amaanyi. Okudda obuggya tekitegeeza kwongera ku kkanisa; okudda obuggya kitegeeza okuzza buggya ekyo ky'oba obadde nakyo; bwe kityo bwe kiri, okudda buggya.

3 Lumu nnatunuulira nga ndi ku lubalama, eyo embuyaga gye yali nga ekunta, yali eyuguumya. Lwaki, terwali lubalama-twali ku Nnyanja Michigan. Nnali nnyimiridde awo nga ntunuulidde amayengo nga bwe gajja, n'a-n'amaato nga gaayugayuuga.

Ne nneebuuza nti, "Kiki ekigenda mu maaso?" Ne nneebuuza nti, "Lwaki, ennyanja eri mu kufuna kudda buggya." Ky'ekyo, nga gabuukabuuka nga gayuugayuuga, lwaki? Waliwo embuyaga ey'amaanyi ekunta, ejja ekkirira nga egenda ku ekyo.

Ne nneebuuza nti, "Kale nno, omanyi ki? Temukyali wadde ettondo ly'amazzi erimu; yonna esiikuuse. Kale, kati, esiikuuse lwaki?"

Omanyi ekibaawo amazzi bwe gasiikuuka? Gayozaamu kakiki yenna n'afulumizibwa, n'adda ku bbibiro. Ekyo kye twetaaga, okwozaamu obutakkiriza bufulume, ku lubalama. Ebiwuka byonna n'okuwanuuza, n'ebirala. Vvaayo olabe nga Katonda bw'Akyali Katonda. Eyo y'ensonga lwaki tuba n'okudda obuggya.

4 Mukama Atuyambe nga tulondawo omutwe guno tugusome olw'akawungeezi ka leero. Mukama Awe omukisa okusomebwa kw'Ekigambo Kye, ekisangibwa mu Mutukuvu Matayo, essuula-ey'e 12, olunyiriri olw'a 38 okutuuka ku lw'a 42.

Kale eky'okuyigako kyange akawungeezi kano kiri nti:

*Okubeerawo Kwa Katonda Obutategeereddwa*. Jjo akawungeezi twabadde twogera ku Yesu okubeera Omu jjo, leero n'emirembe gyonna, ne tulaba nti Yali bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kaakati Okubeerawo Kwe, bw'Aba nga y'Omu, tategeereddwa. Leka tusome.

> *Awo abawandiisi abalala n'Abafalisaayo ne bamuddamu ne bagamba nti Omuyigiriza, twagala otulage akabonero tukalabe.*
>
> *Naye n'addamu n'abagamba nti Ab'emirembe emibi era egy'obwenzi banoonya akabonero: so tebaliweebwa kabonero wabula akabonero ka nnabbi Yona:*
>
> *Kuba nga Yona bwe yamala ennaku essatu, emisana n'ekiro, mu lubuto lwa lukwata; bw'atyo n'Omwana w'omuntu bw'alimala ennaku essatu, emisana n'ekiro, mu mutima gw'ettaka.*
>
> *Abantu ab'e Nnineeve baliyimirira mu musango wamu n'abantu ab'emirembe gino, era balibasinza omusango: kubanga Yona bwe yababuulira ne beenenya; era, laba, asinga Yona ali wano.*
>
> *Kabaka omukazi ow'omu bukiika obwa ddyo aliyimirira mu musango wamu n'abantu ab'emirembe gino, era alibasinza omusango; kubanga yava ku nkomerero y'ensi okuwulira amagezi ga Sulemaani; era, laba, asinga Sulemaani ali wano.*

5 Okubeerawo Okutategeereddwa! Abantu bano bayinza kuba balowooza ki? Bulijjo Katonda kiki ky'Akozenga, bwe kityo olubeerera bwe kibaddenga buli lw'Ajja. Yesu bwe Yali wano omulundi ogwasooka, Yagamba nti, "Muyooyoota amalaalo ga bannabbi so nga mmwe mwabateekamu omwo." Labayo, waagwawo ekintu, ne kiyita. "Katonda n'Akikweka amaaso g'abagezigezi, naye ate n'Akibikkulira abato

abayinza okuyiga." Yesu Yeebaza Kitaffe olw'okukola ekintu bwe kityo. Olaba? Kiyitira ddala ku bantu ne batakimanya.

Eky'okulabirako, mmwe Abakatuliki abali wano akawungeezi kano, mujjukira emyaka mitono emabegako, Joan ow'e Arc, mu Bufalansa, omukyala oyo ddala eyali…Yakulembera enkyukakyuka mu Bufalansa, era ddala yali-muweereza wa Kristo. Ekkanisa yammwe kiki kye yakakola? Mwamwokyera ku luti, nga mumuvunaana mbu yali mulogo, kubanga yalinga wa mwoyo era yalabanga okwolesebwa. Waayitawo emyaka mitono, ne bakizuula nti omukazi oyo yali mutukuvu. N'olwekyo nno mukoze nnyo penetensia, mwasimulayo ebisigalira bya bakabona abo abaamusalira omusango ne bamwokya, ne mubisuula mu mugga. Kale kko okuba, ekyo, mwakola nnyo penetensia olw'ekyo, olw'okusimulayo ebisigalira bya kabona oyo.

6 Kaakati, mu nnaku za bannabbi, biki ebyaliwo? Baakola ekintu ky'ekimu. Tebaabategeera okutuusa lwe baamala okujja, nga obuweereza buwedde, ne baggyamu mu abo Abalonde, naye bwe baamala okuvaawo ne balyoka bategeera nti mu bo mwalimu nnabbi.

Yesu, Yajja ku nsi. Yali wamu ne Kitaffe, Katonda. "Nze ne Kitange Tuli omu. Kitange Abeera mu Nze. Ssi Nze Nkola emirimu, wabula Kitange. Kale bwe Ssikola mirimu gya Kitange, temunzikiriza." Kaakati, bwe wekkaanya bwe Yajja, awo nga omu-omu mu kyenda eky'ensi yonna be baamanya n'okumanya mu kiseera ekyo nti Yali wano ku nsi, so nga ate Ye Yali Omulokozi w'ensi. Naye tebaamutegeera Yali Ani, wadde ekkanisa oba omulala yenna, tebaamutegeera, ppaka lwe baamukomerera, ne bamuziika, n'Azuukira ku lunaku olw'okusatu, nga tebannategeera Yali Ani.

7 Kijja ne kivaawo, naye abantu ne batakitegeera ppaka nga kimaze kuvaawo, ne, balyoka, kubanga tekituukagana na bya nzikiriza zaabwe, tekituukagana na biseera bya nnaku ezo. Labayo, kye kiri, baba bali mu kisiikirize kya mulembe mulala, bulijjo.

Ensonga lwaki tebakkiriza Yesu, yali lwakubanga baali batambulira mu kisiikirize ky'Amateeka. Yesu bwe Yajja, Yali Takontana na Mateeka, wabula Yajja kutuukiriza Mateeka, kale, baali tebasobola kumukkiriza olw'okubanga Obubaka Bwe tebwali ddala nga bwe baali bayiiyizza, era mu biseera ebyo bwali buyitibwa bulombolombo. Era teyajja kusinziira ku bulombolombo bwabwe. Teyakuuma bulombolombo bwabwe. Era yabuvuunika, n'Abuyuzaayuza, n'Akola ebintu ebyali bikontana nabwo, ne balowooza n'okulowooza mbu Yali Amenya amakanisa gaabwe. Kale ne batamusembeza olw'Obubaka Bwe. Era ffenna tumanyi olwaleero nti Yajjira ddala mu layini y'obunnabbi bwa Katonda, naye mu kiseera ekyo tebaakimanya.

Era kiyinza okuddamu okubaawo nate, ne tutakimanyaako. Muli nkuba akafaananyi ssinga Alabika akawungeezi ka leero, kiba kikontanira ddala n'ebyo byonna bye tupanzepanze ku bipande byaffe, mu masomero gaffe n'ebirala. Baba batono nnyo ddala abategeera ekiba kigenda mu maaso. Yagamba nti bwe kityo bwe kiriba, nga bwe Yajja.

8 Kati, Yesu nga bwe Yaliwo okusinziirira ddala ku Byawandiikibwa, naye Abawandiisi n'Abafalisaayo b'omu biro ebyo tebaamutegeera. Lwaki tebaamutegeera, lwaki kyabalema? Lwakubanga bo baali bakitegedde mu ngeri ndala. Awo Yesu we Yabagambira nti, "Munoonye mu Byawandiikibwa, kubanga mu ebyo mulowooza nti mulina Obulamu Obutaggwaawo, so nga bye binjogerako." Olaba? Kaakati Yajja kusinziirira ddala ku Byawandiikibwa. Naye bbo baali bakigedde nti Alijja, nti Masiya oboolyawo Alikola Musa bye Yakola, oba Nuuwa bye yakola, nti Alibazimbirawo eryato n'ekintu, ekirala. Wabula, ensonga lwaki Yajja mu ngeri gye Yajjamu, baali tebakitegedde; mu Byawandiikibwa n'obulombolombo bwabwe, tebaabayigiriza; n'olwekyo abantu baatabulwa nnyo ne batamanya kiki ekyali kigenda mu maaso.

Simanyi oba ekyo kiyinza okubeerawo ennaku zino? Ssimanyi oba kiba kya njawulo ku bulombolombo bwaffe bye butuyigirizza? Era kiyinza okujja ne tutamanya ppaka nga kivuddewo, nga kiwedde. Eyo y'engeri gye kigenda okujjamu.

9 Omanyi nti, Yokaana Omubatiza bwe yalabika, nti ekyo kyali kyalagulwa okuviira ddala mu Kitabo kya Isaaya, emyaka bikumi na bikumi? Emyaka nga lunaana, Isaaya yalagula, ndowooza nga okujja kwa Kristo tekunnabaawo. Okimanyi nti Yokaana yajjira ddala nga Isaaya bwe yagamba nti bw'Alijja, yajjira ddala mu ngeri Malaki gye yagamba gy'ajja okujjamu, wadde n'abatume tebaakitegeera? Olumu, mu Matayo 11, Yokaana yali mu kkomera; abatume, abamu ku bayigirizwa be ne bagenda okubuuza Yesu oba Ye Yali Oyo, oba-oba banoonye omulala.

Kaakati weetegereze, Yesu Teyabawa kitabo kikwata ku ngeri ki gye yali agenda kweyisaamu, yeeyise mu ngeri ki nga ali mu kkomera, oba okutambuzanga atya obulamu bwe. Yagamba nti, "Mubeerewo mwetegereze biki ebibaawo, mugende mulage Yokaana bye muba mulabye ebigenda mu maaso." Obwo bwe bwali obukakafu nti e…Ye Yali Ekigambo ekyo.

10 Kale kati jjukira, Ekigambo bulijjo kijja wa nnabbi. Ffenna ekyo tukimanyi. Katonda Talina ky'Akola nga Takiraze bannabbi Be. Eyo y'ensonga lwaki Ekitabo ky'Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo bwe bulamba bwa

Kristo wano mu maaso gaffe gennyini, Ekitabo. Kaakati Ajja kuba Alina okubaako gw'Atuma, oyo akakase Ekitabo ekyo, akibikkule, abembule Obubonero, n'ebirala. Naye ebikwata ku kweyongerayo okubikkulirwa kwa Kristo, kwategeerwa dda Wano wennyini. Ye bwe Bulamba bwa Kino, eky'Okubikkulirwa. Kaakati weetegereze, tekiremererwako wadde omulundi ogumu, naye Ekigambo kijja eri Nnabbi.

11 Laba Yokaana nga ayimiridde mu mazzi, alagula, nnabbi, nti Masiya Yali ddala wakati mu bo. Yagamba nti, "Waliwo Ayimiridde wakati mu mmwe kaakati, gwe mutamanyi; Ajja kubabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro." Kaakati jjukira, Yali Ayimiridde wakati mu bo, Baibuli bw'etyo bw'egamba, naye tebaakitegeera. Lwali lumu Yesu bwe Yajja nga Atambula, Yokaana yamutegeera, n'agamba nti, "Laba Akaliga ka Katonda Aggyawo ebibi by'ensi." Kaakati weetegereze, nga Tannategeerebwa muntu yenna, Yajja eri nnabbi. Ye kye kyali Ekigambo. Yokaana Yali nnabbi.

12 Nzijukira omusomesa wange ow'edda Omubaputisiti, yaŋŋamba nti, "Omanyi ebyagwawo?" Nti, "Yesu Yabatiza Yokaana."

Ne mmuddamu nti, "Ssirowooza bwe ntyo."

N'agamba nti, "Ddala, Yokaana teyabatizibwa; yajja abuulira, ng'abatiza, tewali yali asaanidde kumubatiza. Yesu ye Yamubatiza."

Kko nze nti, "Ssimanyi."

Lwali lumu nga nsoma, Omwoyo Omutukuvu n'Akimbikkulira bw'Ati, labayo. Weetegereze, Yatambula n'agenda mu mazzi; yagamba nti, "Lwaki Ojja gye ndi? Nze nneetaaga Ggwe Ombatize." Yesu Yaddamu nti, "Leka kibeere bwe kityo," wekkaanye, "naye kigwaniddde ffe (kisaana) tutuukirize obutuukirivu bwonna." Yokaana, nga bwe yali nnabbi, yali amanyi Ekigambo! Nga bwe Yali Ssaddaaka, Yali Ateekwa okunaazibwa nga Tannaweebwayo; awo Yabatizibwa, Yokaana n'amubatiza Ye, kubanga, "Kisaanidde ffe okutuukiriza obutuukirivu bwonna." Ekigambo kyajja eri nnabbi, mu mazzi.

13 Awo bwe YAbatizibwa, era abantu… Omwoyo Omutukuvu Yakka, ssi buli omu nti yamulaba. Yokaana yamulaba.

Malayika wa Mukama Ayinza okuba nga Ali wano akawungeezi kano, era oboolyawo omuntu omu y'amulaba, ne wataba muntu mulala yenna.

Ekitangaala ekyo, Emmunyeenye eyo eyajja we balengerera ebiri ewala, abasajja abagezigezi we-we bagirondoolera; tewaali balengera biri wala abaagimanyaako ekintu kyonna, tewali mulala yagiraba, n'akatono, okuggyako abasajja abo abagezigezi, kubanga kyali kyabwe okugiraba. Baagiraba. Yali yannamaddala gye bali.

Awo 0Ekitangaala, Empagi y'Omuliro, bwe Yakuba Pawulo n'agwa wansi, nga ali ku luguudo olugenda e Damasiko, yategeera nti yali mu mu Maaso ga Katonda. Kaakati, Omwebbulaniya oyo yandibadde tayita mwoyo mulala gwonna nti, "Mukama," ng'oggyeeko ekyo yamanya nti Eyo ye Yali Empagi y'Omuliro eyakulembera abantu okuva mu lukoola. N'agamba nti, "Mukama, Ggwe ani?"

"Sawulo, Sawulo, ongigganyiza ki?" Yagamba nti, "Nze Yesu."

14 Yesu Yagamba nti, "Nava wa Katonda, era Ndiddayo wa Katonda." Ye Yali Omuliro ogwo ogwali mu kisaka ekyali kyaka. Ogwakulembera Musa okuyita mu lukoola, n'akomawo ku Eyo.

Era kati ali wano, ku luguudo olugenda e Damasiko. N'akubibwa n'agwa wansi. Era abantu bonna abaali naye, tebaalaba Mpagi ya Muliro eyo. So nga Yali yannamaddala eri Pawulo n'etuuka n'okumuziba amaaso, n'aba nga alina kukulemberwa bukulemberwa okugenda ku luguudo oluyitibwa Staright mu Damasiko. Yali azibye amaaso.

Ananiya, nnabbi emmanga eyo, yalaba mu kwolesebwa, n'agenda n'amuteekako emikono n'afuna Omwoyo Omutukuvu, amagalagamba ne gagwa nga gava mu maaso ge n'alyoka addamu n'alaba. Kyali kya nnamaddala gy'ali ne kituuka n'okuggyamu amaaso ge, so abalala bonna tewali yakitegeera nti kyaliwo, tebaakiraba.

Bwe kityo nno-bwe kiri akawungeezi ka leero! Waliwo omuntu atudde awo wennyini asobola okulabisa Katonda, ate omulala n'atabaako ky'akimanyaako. Okutegeera Katonda!

15 Yesu, bwe Yali wano ku nsi, Yali Akoledde ddala akabonero Baibuli ke yagamba nti Alikakola, naye tabaakategeera kubanga tekaali kusinziira ku bulombolombo bwabwe. Eri omulembe ogwo, teyali wa kujja kukola Musa bye yakola. Yali wa kujja Azaalibwe embeerera. Era Ye, n'okusinziira ku Kyamateeka 18:15, Yali wa kuba Nnabbi. Era ddala Yakola emirimu egyo n'obubonero obwo.

Abayudaaya bulijjo banoonyanga bubonero. Baayigirizibwa obuteesigamanga ku bigambo bya bayivu; Abayudaaya bbo ekyo baali bakimanyi bulungi. Abayonaani ekyo baakiyigirizangako. Naye ssi bigambo

by'abayivu, wabula ku bubonero. "Tulage akabonero." Abantu bano, omu yagamba nti, "Labbi, oba Omuyigiriza, Tulage akabonero." Baali baagala kumanya. Yali Yabalaga dda akabonero, naye baayagalawo akabonero ak'enjawulo, naye Yali Asobola kukola kabonero ako kokka ak'omulembe ogwo.

Bw'Atyo bw'Akola n'olwaleero, okufukibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kuno ke kabonero k'okulabika Kwe ne mu mulembe guno, nga bwe Yasuubiza.

Baagala kabonero, naye Yali Abawadde kabonero ka mu Byawandiikibwa, naye nga bo baagala kabonero ka njawulo.

16 Awo bangi nnyo ennaku zino we bajja okutabulwatabulirwa.

Omanyi, Okukwakkulibwa kuyinza okubaawo, gwe Iowooza ku nnaku ebaawo! Leka nzireyo ku Yesu we Yajirira, manyanga…

Yokaana Yatuma abayigirizwa bokugenda okulaba Yesu, oba ye Yali Masiya oba nedda. Essaawa eyo, Yali Akoze ebintu bingi. Bwe yakomawo, abayigirizwa, okubuulira Yokaana bye baali balabye, Yesu Yabuuza abaali batudde awo, nti, "Mwagenda kulaba ki mu lukoola? Kiki kye mwagenda okulaba nga Yokaana abuulira? Mwagenda kulaba musajja ayambadde ezinekaaneka, n'ebirala, oba-oba ebyambalo ebigonda?" nti nno, "Abo babeera mu…bifo bya bakabaka. Baziika abafu, ne banywegera obwana obuto, ne bafumbiza abavubuka, n'ebirala, bwe bityo. Tebamanyi bya kukwata kitala kya bwogi bubiri."

N'agamba nti nno, "Olwo mwagendayo kulaba ki, lumuli olunyeenyezebwa buli mpewo, omuntu, ekibiina ekimu kijja kumuwaayo ku kasente akatono agende mu *kino* mu kifo ky'okugenda mu kuyitibwa okwa Mukama? Ssi Yokaana! Omu yali asobola okumukyusa n'agamba, mbu, 'Tujja kukuwaayo endala bw'onaasambajja Kino otwalemu kino'? Ssi Yokaana!" Yabuuza nti, "Olwo kiki ekyabatwala okulaba, nnabbi?" N'agamba nti, "Leka Mbabuulire nti, 'Asinga ku nnabbi.' Era oba muyinza okukikkiriza, ono ye oli nnabbi gwe yayogerako nti, 'Laba, Mbatumira Omubaka Wange mu maaso Gange, Aliteekateeka ekkubo.'" Kale oyo ye yali Malaki 3, we yakikolera.

17 Olumu abayigirizwa baamubuuza, nti, "Lwaki Abawandiisi bagamba nti Eriya ateekwa okusooka okujja?" Yesu Yabaddamu nti nno, "Yamala dda okujja ne mutakimanya," ne bakitegeera nti oyo yali Yokaana Omubatiza. Abatume abo abalonde era baali tebasobola kulaba yali ani. Oyo yali Eriya.

Kaakati labayo. Omanyi, O-Okujja kwa Mukama kugenda kuba kujja kwa kyama. Yagamba nti, "Wagenda kubaayo babiri mu buliri, Ntwaleko omu omulala mmuleke," eyo we wali ekiro. "Babiri mu nnimiro, Ntwaleko omu omulala mmuleke,"

Omanyi, abantu bangi nnyo ababula buli lunaku, okuva ku maaso g'ensi, abatasoboka kumanyika. Olumu ku nnaku zino abantu bayinza okugamba nti, "Kale otegeeza ekibonyoobonyo, ky'ekintu ekitutuuseeko kaakati? Nnali mmanyi nti Ekkanisa yali ya kugenda nge ekibonyoobonyo tekinnabaawo." Tebazuula era n'okutegeera nti Okukwakkulibwa kuyinza okubaawo ne batabaako na kye bakumanyaako; kwe kugenda kw'Ekkanisa okw'ekyama.

18 Era, ndowooza, abantu baligenda bugenzi mu maaso okubuulira, na bagamba nti bakkiriza nti balokoka, n'okugattako ku kkanisa, n'okuzimba amakanisa, n'okugenda mu maaso bwe batyo nga ddala bwe baakola mu nnaku za Nuuwa, n'abirala, ne batabaako kye bakumanyaako so nga Okukwakkulibwa kwaggwa dda, "kwamala dda okubaawo ne mutakumanya." Waliwo abantu bikumi na bikumi ababula ku nsi abantu ne batabaako kye bamanya wa gye baba bagenze, tebasobola kumanya mayitire gaabwe; omuntu omu yabadde alinako w'alaga, baba tebakyaddamu kubawuliza nate. Kale okwo kwandiba Okukwakkulibwa.

19 Leka mbabuulire, mikwano gyange, olw'okuba tuli bammemba ba kkanisa oba ekintu bwe kityo, ekyo tekirina nnyo makulu gye tuli. Mwattu kisingako onyweeza ekyambalo ky'okulwanyisa ekyo. Kisingako otwale mu bulamba Ekigambo kya Katonda ekyo okinyweerereko, ove ku by'okweyisa bino ebya Hollywood bwe biti. Biyingiridde ddala mu kkanisa, kale biswaza. Naye ebya Hollywood bimasamasa, bimyansa n'okumyansa, era ekkanisa ennaku zino eri mu kugezaako kwegeraageranya na Hollywood. Kristo Tali mu Hollywood. Kristo Ali mu muntu kinnoomu. Hollywood amasamasa manyanga… Hollywood amyansamyansa, so nga yo Enjiri emasamasa na buwombeefu. Katonda Tali mu bifo bino ebinene eby'amatiribona eby'amaanyi bye tulaba. Ajjira mu buwombeefu, mu kifaananyi eky'obwetoowaze n'obukkakkamu, n'eyitiramu ddala.

Era oba wamanyiira Ekigambo, awo oba ojja kukiraba. Alina amaaso, okuwulira, "awulire Omwoyo ky'Agamba amakanisa," labayo kaakati, kati olwaleero, ekyalabisibwa.

20 Yeerabisiza ddala bulungi eri abakkiriza mu biro ebyo, abo abaali bakinoonya. Labayo Peetero ne Andereya. Laba Nnassanayiri, nga talina ky'abuuza n'akatono mu mutima gwe. Laba omukazi eyali ku luzzi, temwalimu kibuuzo kyonna mu kyo.

Naye Abafalisaayo bano, ennaku ntono emabagako awali eky'okuyigako kyaffe akawungeezi ka leero, baamulaba ng'Akola ekyo, naye ate ne bamuyita "Beruzebuuli, setaani." Emirimu gyali gikoleddwa. Baalina okwanukula eri ekibiina kyabwe, kale kye baalina okukola kyokka kwali kukiyita "mwoyo mubi." Beruzebuli yali setaani, nga omulaguzi oba ekintu bwe kityo. Era omuntu yenna amanyi okweraguuliriza kuba kwa Setaani. Kale baali bageraageranya, wa we Yali Ekigambo ekyamanyanga ebyama by'omu mitima era kiri-era Kiri mu kukakasa nti Ye Yali Nnabbi eyali ow'okusitulibwa gye tuli mu nnaku zino, Omununuzi-Nnabbi; era bwe Yakola ekyo, ekkanisa mu nnaku ezo baalanga nti ye Yali "Beruzebuli."

Olaba kiki kye baali? Yagamba nti, "Muli bamuzibe, abakulembera bamuzibe." Tebajja kuyingira munda, era tebajja na kuganya abali wansi waabwe kuyingira.

21 Kye twagala okukola olwaleero kwe kunoonya Amazima. Tulina okumanya Amazima. Y'omu? Waali wano okutuukiriza bye Yasuubiza? Noonya mu Byawandiikibwa olabe biki by'Ateekeddwa okukola mu nnaku zino.

Eyo y'ensonga lwaki John Wesley… manyanga Martin Luther teyasobola kugenda mu maaso na bubaka bwa Wesley; baabukolamu ekibiina ekigunje, awo we kyakoma tekyasukkawo. Ne wajja Luther. Okuva mu Eklezia Enkatulika, abo ne bajira… Yali muntu atategeerekeka gye bali; wabula yalina obubaka obw'okuggibwako omusango, kubanga kye kyali Ekigambo kya Katonda, ekisuubizo. Awo ne bajira, nga amaze okufa, ekibiina ne bakigunjaamu ekya Luther. Kiki olwo ekyaddawo, kyonna kyali kizzeemu okugootaana.

Era okusinziira ku Byawandiikibwa walina okubaawo omulembe gw'ekkanisa omulala ogusituka, era, ekyo bwe kyabaawo, Omulembe gw'Ekkanisa ya Firaderufiya gwasituka, John Wesley. Kale kiki ekyali kiguddewo, ebbanga lyonna kyagenda kyeyongera kujja bugwanjuba. Awo ekyo bwe kyabaawo, waaliwo omulembe gw'ekkanisa, Wesley n'asituka, naye Luther yali tayinza kukisembeza kubanga baali baamala dda okugunjawo ekibiina eri okuggibwako omusango. Yali tasobola kukkiriza kutukuzibwa.

Awo aba Wesley bwe baagunjawo ekibiina nga bwe baakola, ne kusibukako obutabi obulala, obwakola, ne wajjawo obubaka bwa Pentekoote obw'okuzzaawo ebirabo; tewali ku byonna kaasobola kutambula. Bwali bwamala dda okugunjawo ebibiina.

Kati ekyesisiwaza ekikiriko, Abapentekote nabo baagunjawo ekibiina.

22 Laba ennaku ze tulimu, ebyasuubizibwa eby'ennaku zino. Tuli wa? Tweyongeddeyo waggulu. Empagi y'Omuliro Etambula, era abaana ba Isiraeri baatambulanga n'Empagi y'Omuliro oba ssi ekyo nga baddayo Misiri. Tuteekwa kutambula na Kigambo.

Naye olwaleero tugenda tugayaala bugayaazi, ekkanisa egenda efuukira ddala ya nsi kale nga teyeefiirayo, kale emitima gyabwe gitabuse nnyo olwa ttivvi, era ne bino ebya *Twagala Sucy* n'ebimu ku bintu bino eby'edda, n'okusigalanga awaka. Ekyo kiraga wa emitima gy'abantu we giri. Naye oyinza okubagamba nti ebintu bino bikyamu, ne balowooza nti oli mulalu. Kiki? "Abaagala amasanyu okusinga Katonda." Olaba?

Oh, essanyu erikyasinzeeyo lye mmanyi, kwe kusaba ppaka lwe ndaba nga ndi mu Maaso ga Katonda, era ne nkitegeera. Ndowooza eryo lye liteekeddwa okubeera essanyu ly'Ekkanisa, Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu; okulaba Katonda eyakola ekisuubizo nga Ayimiridde wakati mu ffe, ne tuwulira Okubeerawo Kwe n'okulaba Ekigambo Kye, n'okukiraba nga kinywezeddwa. Kiteekeddwa okutuwa okukkiriza, okutambuza abagongobavu, bamuzibe okulaba, bakiggala okuwulira, bakasiru okwogera.

23 Nnayimirira mu South Africa, abantu abawera emitwalo ebiri we baakuaanira nga mbuulira mu kisaawe ky'e Durban omuzannyirwa empaka z'emisinde ez'embalaasi, lumu ekyo bwe baakiraba ga kibeerawo bwe kityo, nga mmaze okukibannyonnyola. Mu ngeri ennyimpimpi; ne balaba ekintu kimu nga kibeerawo, eky'ekyo ekyabikkulwa, abantu emitwalo ebiri-n'ekitundu ne bawonyezebwa mbagirawo. Baatikka loole musanvu, nga buli emu eva wano n'ekoma wali, n'obugazi mukaaga ku kkumi-na-munaana bwe watyo, ne babituuma nga mujjudde emiggo gy'abalema n'ebirala. Abakaafiiri, abaali batayawula mukono gwa ddyo ku gwa kkono.

Olunaku olwaddako, Mr. Sidney Smith, meeya w'ekibuga Durban, n'ankubira essimu n'agamba nti, "Genda ku ddirisa lyo, otunule ku ludda lwa Indian Ocean, ojja kulaba ekintu ky'otolabangako." Olwo lwe lwali oluseregende lw'emmotoka omusanvu nga zijjudde ziserengeta nga ziwerekerwako poliisi, nga emabega waazo evaayo abantu abazigoberera, eggulolimu abaali mu bugaali bw'abalema ne mu butanda bw'abalwadde bwe baalina, nga bagenda bayimba nti, "Kkiriza Ggwe, Byonna Biyinzika." Wiiki emu emabega, awo, abaali balwanagana, olutalo mu ggwanga lyabwe. Baali awo nga batambula, nga bakwataganye emikono.

Lwaki? Baategeera Katonda w'Eggulu nti Yali Alabise mu maaso gaabwe mu kifaananyi ky'Ekigambo Kye. Naye ffe Abamerica bakagezimunnyu tutudde. Bagenda kugolokoka ku Lunaku lw'Omusango basalire omulembe guno omusango, olw'ebyo bye tulabye.

24 Kinzijukiza omukazi mu Louisville, e Kentucky, gye buvuddeko katono, yalina akaana akawere, nga katambulatambula mu dduuka eritunda ebintu ebya layisi (ten-cent store) Yalina obuntu bwe yali akola, ng'agezaako okubukalaga, nga kko akaana katunudde butuzi bweru. Ku nkomerero yakwata akade, ekintu kyonna ekiyinza okusika ebirowoozo by'akaana akato akenkana awo. Yakuba akade, akaana ne katunula nga katangaalirira butereevu mu maaso. N'atandika okuleekaana, n'agwa, abamu ku bantu ne bajja okumuyamba. Omukazi n'agamba nti, "Oh, nedda, tekisoboka! Tekisoboka!"

Ne bamubuuza nti, "Buzibu ki?"

N'agamba nti, "Dokita yagambye nti nno omwana ali bulungi."

Ne babuuza nti, Omwana abadde ki, nnyabo?"

N'addamu nti nno, "Kale, yafuna obuzibu emyezi nga mukaaga egiyise, n'aba nga atuula butuuzi awo ng'atangaaliiridde. Ssi nsonga ne bwe kiba ki, kyonna ekiba kisobola okusika ebirowoozo by'omwana oyo, tekibisika, atuula butuuzi n'atangaalirira. Dokita yaamba nti yalowooza nti yali bulungiko. Ne mmueeta wano, okukwata obuntuntu obusaanye okusikiriza omwana oyo, naye tekikola. Akyatuula butuuzi n'atangaalirira."

25 Bw'etyo ekkanisa bw'etandise okufuuka! Katonda buli kisuubizo kyonna mu Baibuli Akiwuubye, mu maaso gaabwe. Naye era tutunula butuuzi, ne tusamaalirira. "Kiki? Ndagaayo akabonero, onandaga?" Kale ky'ekigenda mu maaso ebbanga lyonna, okutwetooloola buli wamu. Okuleeta Okubeerawo kwa Katonda, kisaanye okutumulisa. Katonda bwe Yakola ekisuubizo, Ayimirira n'ekisuubizo ekyo. Yee, ssebo.

Yesu ng'Amaze okwolekera ddala akabonero Ke ak'Obwannamasiya, nti ye Yali Masiya, naye ate mu maaso g'ebyo byonna ne bagamba nti, "Tulage akabonero." Labayo, tebaategeera, baali batunudde butereevu mu maaso gaabwe. Mu bo eky'okukkiriza tekyabaliimu.

26 "Ggwe," nga omukadde maama wange ow'omu bukiikaddyo bwe yateranga okugamba nti, "Mu myungu tosobola kufunamu musaayi, kubanga teguliimu."

Era tebaamutegeera, ebiyiiye byabwe n'e-n'e-n'ebirala, bye baalina mu biseera ebyo, byabaziba nnyo amaaso. Baali tebamanyi Byawandiikibwa bya kisuubizo, kubanga ebiyiiye byali bikibisse. Ebiyiiye byabwe n'obulombolombo bw'ennaku ezo byali bibisse ekisuubizo ky'omu Byawandiikibwa. Ssinga baasomesebwa kusinziira ku Byawandiikibwa, nti ako ke kaali kateekeddwa okuba akabonero akaagobereranga Masiya!

Bameka abakkiriza nti Yajjira mu kabonero Ke akatuufu? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.] Ddala, Yakikola, Yajja kusinziira ku kisuubizo. Wabula baali bayigiriziddwa kiyiiye, "Tukkiririza mu *kino*, era tukkiririza mu *kiri*. Bonna bakkiririza mu Katonda. Bonna bonna… "

27 Olwaleero, naddala, ffe Abamerica, tulowooza nti tugenda kwekwasa olw'okubanga tuzimba amakanisa amanene, era tulina abasumba abalungi n'ebirala. Jjukira oba ekyo kyali bwe kityo, Katonda ssi Mwenkanya bw'Atutwala bw'Atyo; kubanga, Kayini ne Aberi, abasinza ababiri abaasooka ebweru wa Adeni, baazimbira Mukama ekyoto, bombi baawaayo ssaddaaka, bombi baawaayo ebirabo, bombi baasaba, wabula omu yali mutuufu ate nga omulala mukyamu. Wekkaanye, tuteekwa okuba n'Amazima, era Amazima kye Kigambo kya Katonda, bulijjo. Kati ky'ekimu olwaleero, abantu baziba nnyo amaaso. Bagamba…

Mbuuza nti, "Oli-oli Mukristaayo?"

"Oh, ndi mmemba wa mu kibiina gundi-ne-gundi." Labayo, ekyo tekirina we kikwataganirako nakyo. Ssirina buzibu bwonna n'ekyo, wabula ekyo ssi kye ngezaako okubabuulira. Beera mmemba mu kkanisa yonna gy'oyagala. Ky'olabika tekikolawo njawulo yonna.

28 Nnabadde mbuulira omusumba enkya ya leero. Engulu eyo mu Colorado nnateranga okutambuza amagana, n'ebirala. Nnateranga okutuula awo, ebigere byange nga biri ku matandiiko bw'entyo. Kale ekibiina ekiyitibwa Troublesome River Hereford Association ky'ekiriisa Trouble river Valley. Ate n'oyambuka waggulu ku ntikko y'ekiwonvu, oba olina obuvanjuba we bwawukanira n'obugwanjuba. Ente zonna eziva engulu wano, ez'omu kibiina ze ziriisa ez'omu bugwanjuba; ate-ate ekibinja kye nnali nakyo, kye kiriisa ez'omu bugwanjuba. Balinawo olukomera oluziyiza ente obutayingirira bintu bya bandi, n'engulu mu nsozi mu biseera eby'ekyeya

Twakuaanyaga ente, ebika bina oba bitaano, ebika munaana oba kkumi ebitali bimu, ku mugga, twakuaanyanga ente zaff mu biseera nga obutiti buggwaako ebbugumu liryoke litandike, ne tuzitwala engulu eyo. Nnatuulanga awo nga ekigere kyange nkitadde ku matandiiko, nga ente zonna tumaze okuzikuaanya,, zonna zaalambibwanga nabuli kimu, ne zizzibwayo mu malundiro.

29 Omukuumi nga ayimiridde awo. Nga azibala nga bwe ziyingira. Ne nneetegereza nga waliwo ebika byonna. Mwami. Grimes yalina ekika kya-kya-kya Diamond Bar, nga Chester Barless alina ekika kya Turkey Track, ffe nga tulina ekika kya Old Tripod, kale waaliwo ebika ebitali bimu nga biyingira omwo. Naye

omukuumi teyagendereranga kika. Yagendereranga bulambe bwa musaayi ku kutu. Okukuuma ebibiina ebiwakisa ente, okukuuma olulyo lwabwe n'okulutaasa, tewaabangawo egenda ku ddundiro eryo, okuggyako ekika kya Hereford nnakabala. Baagiteekangako obulambe ku kutu, nga obulambe obwo bwa musaayi.

Bwe kityo bwe kigenda okuba mu Kusala Emisango. Tagenda kumbuuza oba nnali Mu-Mumesodisiti, Mubaputisiti, Mupulesibeteriyani. Obulambe bwe nnina tebugenda kuba na makulu gy'Ali. Ssi kirala okuggyako Omukristaayo azaaliddwa omulundi ogw'okubiri, azaaliddwa Omusaayi ogwa Yesu Kristo, abo be baliyingira. Kaakati twagala kujjukira, ekyo kijjukire.

30 Kaakati, bw'Atategeerebwa, amaanyi Ge tega-bulijjo tegabikkulwa, bw'Aba tategeereddwa. Sinsonga Katonda ne bw'Aba Waali nga Ayimiridde awo okwenkana wa, olina okukikkiriza. Ky'ekyo kyokka.

Okufaanana nga omukazi eyali alwadde ekikulukuto ky'omusaayi. Abantu abo bonna abaali bayitawo, bonna nga bayimiridde, boogera nti, "Wuuyo Labbi Ayitawo. Oyo ye Ssempala eyeeyita Nnabbi. Ono ye muzoole," n'ebyo byonna bwe bityo.

Naye kiki ekyabaawo? Akakazi kano kaalina ekikulukuto ky'omusaayi, era kaali kamuwuliddeko. Bwe kaatuuka awo, nga tekafuddeeyo ku bigambo by'abalala bonna, kaamutegeera kye Yali. Ne kagamba nti, "Ssinga nkwata bukwasi ku kyambalo Kye!" Olaba?

Kale okukkiriza okwo okwannamaddala, mu Katonda, bwe kwafuuka ensonga mu mukazi oyo, kwasumulula ki? Kwasumulula amaanyi Ge okumuwonya. Kyamukwatako mu ngeri nti, Yakyuka n'Amubuulira obuzibu bwe yalina, n'ayogera nti, "Okukkiriza kwo kukuwonyezza." Kiki ekyakikola? Kukkiriza!

Abalala abaali bayimiridde awo kiyinzika okuba nti baali balwadde n'okumusingako, wabula, labayo, yategeera Okubeerawo Kwe. Yamanya nti ako ke kaali akakisa ke.

31 Ssinga tukola ekyo kyokka akawungeezi ka leero, bannange! Ssinga tutegeera butegeezi nti Alabika gye tuli mu nkuaana zino, lwa kigendererwa kimu, gye tuli, nga ekyo, kwe kusumulula okuyaayaana kwaffe kwe tumulinamu Ye. Naye tulina okwekkaanya Okubeerawo Kwe. Era kati Okubeerawo Kwe okwekkaanya kutya, weewo nga Ekigambo ekyasuubizibwa eky'omulembe guno nga kirabisiddwa, si Ekigambo ekyasuubizibwa eky'omulembe gwa Musa, oba omulembe omulala gwonna, ekisuubizo eky'Ekigambo eky'omulembe guno!

32 Kaakati, tusanga nti Yeeyongera mu maaso. Era Yayiro, akasajja akatono akaali eyo nga muwala waako afudde, Yayiro yakkiriza nti Yesu bye Yayogera gaali Mazima. Kati jjukira nti, Yali Kabona era yali takkirizibwa, kubanga kyalambikibwa bulungi nti, "omunhtu yenna amweriraanya wa kugobwa mu yeekaalu." Kale, oba yali wa kugobwa mu yeekaalu oba nedda, ye yamatira nti Katonda Yali mu Kristo, era ekyo kye kyali Ekigambo. Kale kiki kye kyakola? Kyamusumululira amaanyi g'okuzuukira agaamulimu Ye; amiina, ne gaggyayo omuwala eyali afudde, n'ateekebwa awo, kubanga yategeera nti Katonda Oyo Yali mu Kristo, era Okubeerawo Kwe kwali mu nnyumba ye.

33 Wabula mu kibuga gye Yakuzibwa, amaanyi ge gamu ago gaamulimu, mu kibuga gye Yakulira, naye tebaamutegeera. Okubeerawo Kwe, eri bo, tekwalina makulu gonna; mpozi Yali muzoole. "Ebintu bino biri ludda? Baamba mbu nno waliwo ebintu by'Okola. Nkoleraamu wano ndabe."

Temukiwulirangako ekyo? "Oba waliwo…Mmwe abapentekoote, nammwe, mbu, mukkiririza mu kuwonyezebwa kw'Obwakatonda? Gundi wuuno wano, muwonye ndabe."

Oyo ye Setaani ow'edda y'omu, y'omu eyagamba nti, "Oba Oli Mwana wa Katonda, lagira amayinja gano gafuuke emmere."

Setaani y'omu ow'edda, bwe yamusiba kantuntunu, ne bamukuba ku mutwe n'omuggo, ne bagamba nti, "Kaakati," omuggo guwe omulala, nti, "tubuulire ani akukubye, awo tujja kukukkiriza bw'Oba Oli Nnabbi." Teyakikola. Talina gw'Akolera katemba. Ddala.

34 Y'omu, bwe Yali ku musaalaba, ne bagamba, nti, "Oba Oli Mwana wa Katonda, Weggye ku musaalaba Okakase nti Oli Mwana wa Katonda." Yandibadde Asobola okukikola.

Baamusasula omuwendo ogwasingirayo ddala gwe Yafuna, awo, wabula tebaakimanya. Baagamba mbu, "Yalokolanga abalala; Ye Tasobola kwerokola." Ssinga Yeerokola Teyandisobodde kulokola balala. Yeewaayo Alyoke Alokole abalala. Labayo, tebaategeera Kubeerawo kwa Katonda. Ky'ekyo kyokka.

Kaakati kusumulula amaanyi okuwonya, na kiki? Kujja kusumulula amaanyi okuzibula amaaso go okumutegeera Oyo, oba okuziba amaaso go oleme kumutegeera. Ekizibula amaaso g'omuntu, ky'ekiziba amaaso g'omutakkiriza.

35 Naye, mu kibuga, tebaamulinaamu bwesigwa. Mu nnyumba y'Omufalisaayo, Omufalisaayo ye

yamuyita okujja Abeerewo; ewa Simooni, Omufalisaayo, era yali ategese eky'eggulo eky'amaanyi, naye Abafalisaayo baali baagala okubalaga nti teyali Nnabbi. Kale yali mabega eyo nga akwasaganya magiraasi ge na bikompe bye, n'obuloosa bwe bwonna obulungi mu nnyumba.

Era emabega Yesu Yali Anaaziddwa ebigere nga Atudde awo wansi. Obucaafu obuwunya obw'e-obw'ettaka obwamuliko, ne ku byambalo Bye, bye Yaggya ebisolo gye byali bitambulidde. Y'ensonga lwaki mu nnaku ezo baabanaazanga ebigere.

Kale, olaba, ekisooka, bw'oba oyitiddwa okugenda mu-mu maka eyo mu Palestina, bwe baayambalanga engatto ezo ez'obukoba eziringa lugabire, kye baasookanga okukola kwe kukunaaza ebigere, ne babaako kye bakuwa okulinnya ku biwempe byabwe, ebiwempe by'Abaperusi ebinene n'ebirala, byali birungi.

Kye bazzangako okukola awo ne bakuwa ku mafuta mu ngalo zo. Bagaggya mu kibala ekimu ekiyitibwa apo ekisangibwa mu nsozi, ekimanyiddwa nga rose apo. Ekimuli ekya Looza bwe kiggwaawo, wasigalawo ekibala kya apo n'akaloosa akalungi. Ba-bakyesiiga mu maaso. Ate amagulu g'enjuba ago agajja obutereevu eyo mu Palesitina mabi nnyo, kale, olaba, galeeta olusu olubi. Kale-kale bw'omala, awo kabakyaza ajja ku mulyango n'abanywegera mu nsingo n'abaaniriza.

Abakozi Yesu baamutuukangako batya, awatali kumunaaza bigere oba-oba-oba okumuwa amafuta okwesiiga, oba okumunywegera nga Ayanirizibwa?

36 Naye waaliwo kamalaaya eyo ku luguudo. Abo abannaddiini bonna abali awo kati, ekibiina kyonna tebaamutegeera. Naye akakazi ak'empisa embi, oboolyawo, kaalingiza munda, oboolyawo mu mulyango, ne kamulaba ng'Atudde Alinga ekimuli ky'oku kisenge.

Bw'Atyo bw'Ali olwaleero ne wakati mu kibiiina ky'abannaddiini, kimuli kya ku kisenge, Tayaniriziddwa, Tayagalibwa. "Mucaafu, mujama, mutukuvu eyeevulungula, nga bwe bakiyita, "kika kya mu-muntu omutabufu w'obwongo; mulubaale, asoma birowoozo by'abantu," oba erinnya eddala ebbi.

Era Yesu, nja kukituukako mu ddakiika ntono, Yagamba nti, "Yogera ekigambo ekibi ku Mwana w'Omuntu, kirikusonyiyibwa; naye Omwoyo Omutukuvu bw'Alijja okukola ekintu ky'ekimu, ekigambo ekimu tekigenda kukusonyiyibwa." Olaba?

37 Naye eyo akakazi ako kaalaba nga Yali Yeetaaga obuweereza. Kaayanguwa mangu, ne kayingira ne kakwata eccupa y'amafuta eyali ejjudde. Mpozzi kaali kagiguze na ssente ze kaggyanga mu bwamalaaya bwako. Naye kyali kiki? Ayinza okuba nga yalowooza nti, "Oyo-Oyo Nnabbi. Naye nzijukirayo omukazi omulala mu bye mmanyi, omuntu omulala afaanana nange; yafuna akakisa n'amutegeera Ye, n'asonyiyibwa." Engulu eyo ku luzzi lw'e Sukali, lwe twayogeddeko jjo akawungeezi." Ssinga mmala ne mmutuukako butuusi, mmumanyi, nja kumuweereza. Abalala sifaayo kiki kye bakola. Nja kumuweereza. Nja kumutegeera nti Mwana wa Katonda."

38 Yadduka mangu n'ayingira. Yamusemberera nnyo, n'awulira nga alumirizibwa nnyo. Bw'atyo omwonoonyi omutuufu aba yeenenya bw'awulira mu Maaso Ge, nga alina omusango!

Amaziga ne gatandika okukulukuta, ng'agezaako okugakweka. Ne gatonnya ku bigere bya Yesu. Yali agenda kumusiiga mafuta naye nga amafuta gatonnya ku bigere Bye. N'atandika okugasangula, nga bw'akaaba, nga agasiimuula n'engalo ze. Ebigere Bye byonna bijamawadde olw'ettaka eryabiriko; era-era bw'oba ddala oyagala okukikkiriza, n'okuwunya kw'ensolo ezaayitanga mu makubo byombi nga biyita mu makubo ge gamu. Kale kyali awo, ng'Awunya, Atudde awo, amaziga g'omukazi nga gamutonnya ku bigere Bye, naye ng'agezaako okugasangulako. Ate teyalina tawulo.

39 Obulungi n'ekitiibwa ky'omukazi kye kiki? Z'enviiri ze. Eyo y'ensonga lwaki bangi ku bakazi mmwe muli mu kugezaako okuzisalako zonna. Ekyo kikyamu. Omu-omukazi n'addira enviiri ze ennungi, amuggyeko okuwunya obubi, akweteekeko, yeetikke ekivume Kye. Ha, bannange! Ekyo kibaawo nga otegedde Ani Ali mu maaso go. Olaba? Bannyinaffe kumpi kijja kubabeerera kyangu nnyo, okufuna enviiri ezimala ekyo okukikola. Kale nno yanaaza ebigere Bye n'abisiimuuza enviiri ze n'omutwe gwe, n'abinywegera n'okubinywegera.

40 Muzeeyi Simooni oyo yali atudde eri emabega, n'agamba nti, "Huh! Huh!" oh, mmulaba nga atabuka. Teyamutegeera Yali Ani. N'agamba nti, "Nnabagambye nti ssi Nnabbi. Ssinga Abadde Nnabbi, Yanditegedde mukazi ki oyo ali awo w'Ali."

Yesu Teyaseetula kigere. Yatunuulira butunuulizi omukazi. Omukazi n'atya.

Bwe yamala, omukazi yali amuweereza buweereza, Yesu n'Atunula eri, n'Agamba nti, "Simooni, Nnina kye Nkugamba. Ggwe wampise okujja wano, Ggwe wandeese wano," amakulu nti, kumukozesa nga kaadi esembayo. "Wayagadde kunneeragirako. Wayagadde kulaga nti Ssiri ekyo kye Ndi. Kyokka ggwe, bwe wandeese wano, wandibadde onaaza ebigere Byange, naye tewakikoze. Wandipadde amafuta okunsiiga

omutwe, naye tewakikoze. Tewannyweegedde kunnyaniriza. Naye ono omukazi, okuva lwe Nnatuuse wano, annaazizza ebigere n'amaziga Ge, ate n'abisiimuuza e-enviiri ze, era obwedda anywegera ebigere Byange okuva lwe Nnatuuse wano. Nnina kye Nkuvunaana, Simooni.

41 Awo n'Akyukira omukazi. Muli nkuba akafaananyi omukazi nga ayimiridde awo, nga amaaso ge amanene amalungi gamumyuse, obwenyi bwe, nga alina ebizigo ne-n'enfuufu mu maaso ge gye yaggya mu kkubo. Omukazi awo alowooza nti, "Kati nsobezza? Nkoze kikyamu?"

Yesu n'Agamba nti, "Mmugamba nti, ebibi bye ate nga bingi, byonna bisonyiyiddwa. Genda mirembe.'"

Kyali ki? Yategeera. Yategeera akakisa ke. Olaba? Yakikola. Yamukolera obuweereza. Abafalisaayo tebaakikola. Yakiraba n'ategeera Okubeerawo Kwe, kale kyakola ki? Kyanaaza. Kyamusumululira ki? Kusonyiyibwa. Kyamusumululira, okusonyiyibwa ebibi bye. Kiki ekirala kye kyakola? Kyasumulula n'amaanyi ga Katonda okwoleka gye bali abatakkiriza nti Yali Nnabbi. Yamanya omukazi kye yali. Kyasumulula n'essanyu amaanyi n'Obulamu Obutaggwaawo, Kyabisumulula ebyo.

42 Naye oyo eyavaako ogusumaali ogunene okukomererwa mu bigere ebyo eby'omuwendo, teyategeera Kubeerawo kwa Katonda mu Ye. Naye yayagala Amukolereyokko ku kazannyo aka layisi, okumusanyusa.

Ebyo ensi by'eyagala, olwaleero, bintu bya kusanyusa busanyusa. Enjiri tebagyagala. Baagala kusanyusibwa busanyusibwa.

Piraato n'agamba nti, "Njagala Akoleyo eky'amagero oba ekintu ekifaanana bwe kityo. Muleete wano." Mu Maaso ga Katonda mwennyini, naye ne bakiyiwa Ekyo, kubanga (lwaki?) nti yasiima e-endowooza y'abantu abangi okusinga okusiima akakisa k'okubeera mu Maaso ga Katonda. Kiki ekyabaawo? Omukazi yasonyiyibwa, n'aweebwa Obulamu Obutaggwaawo; naye Piraato yatabuka n'agwa eddalu, ne yetta nga yeesuula mu mazzi eyo mu Swetzerland.

43 Kaakati, ekifiibwako, baagendera nnyo ku ndowooza entutumufu eyaliwo mu biseera ebyo, nti, "Yali Beruzebuuli; Yali Yeefuula bwefuuzi, Teyaliimu kintu kiri awo," oyo, kiki kye yakola? Yakireka bulesi, yaleka akakisa ke mu Kubeerawo kwa Katonda. Yandibadde asonyiyibwa. Yagamba nti, "Nnina obuyinza okukukomerera Ggwe. Nnina obuyinza okukusumulula."

Yaddamu nti, "Tolina buyinza okuggyako nga buvudde wa Kitange.

Yandibadde akitegeera, ssinga Ebyawandiikibwa yali abimanyi. Ate ye, nga bwe yali Omuyudaaya, kyali kimukakatako ekyo okukimanya. Naye, olaba, obulombolombo bwali bukimuggyeko. Bwe kityo bwe kiri olwaleero. Ssinga kyali kimuyigiriziddwa bulungi! Ssinga omusajja yakkiriza ebyali bigambiddwa mu Byawandiikibwa! Naye obulombolombo bwe bwabimuggyako.

44 Kintu ky'ekimu ne mu nnaku zino. Abantu bajja kutwala Enjiri eyannamaddala, Omwoyo Omutukuvu mw'Ajja, n'amaanyi n'ekitiibwa kya Katonda ebisumulula aboonoonyi okuva mu kibi ne bafuuka ba ddembe, n'okubabatiza mu Mwoyo Omutukuvu, abalwadde ne bawona, obubonero ne bulabika n'eby'ewuunyo, naye abantu batambule baveewo, bagambe nti, "Ah! Kaakati omanyi ekkanisa yange ky'ekkiriza? 'Ebyo butaliimu!" labayo, awo obeera oleka; obeera otunda busika bwo. Esawo omulala!

Bangi nnyo abafuna akakisa ke kamu olwaleero, okuyimirira mu Kubeerawo Kwe nga bwe baakola mu biro ebyo. Naye era, olw'endowooza emanyiddwa ennyo, tebakakozesa. Okuyimirira mu Maaso ga Katonda! Ssimanyi oba, mukwano gwange, oba ffe Abakristaayo, mu Maaso ga Katonda, tuli balwadde, bwe tutagaana kakisa okuwonyezebwa nga tumukkiriza bukkiriza? Ffe abagamba mbu nno tumukkiriza, tetwekkaanya Kubeerawo Kwe, kye Yasuubiza okukola mu nnaku zino.

45 Yakakasibwa ekisuubizo ky'ebiro ebyo, Yesu Yali Anenya omulembe olw'obutakkiriza kabonero Ke ak'Obwa nnamasiya. Tukiraba wano, Yali Abanenya. Baamuyita buyisi Beruzebuli! Baayagala Akole akabonero ka Musa, oboolyawo, okuggula Ennyanja Emmyuufu. Tebaayagala Akole akabonero ka Dawudi, yeddize nnamulondo ne gavumenti. Naye tewali Kyawandiikibwa kyagamba nti ekyo alikikola. Yali wa kuba Nnabbi. Ajja, Kabaka. Yali wa kuba Nnabbi mu kiseera ekyo. Era Yakola akabonero Katonda ke Yagamba nti k'Alikola mu biro ebyo, naye era baali baagala Akoleyo akabonero akabasanyusa. Olaba?

Era ssimanyi oba tetuli mukunoonya kintu ekiri mu maaso gaffe mwennyini. Ssimanyi oba si kintu ky'ekimu, nti tetuuyite buyisi ku kakisa kaffe? Jjukira, nga ebifaananyi eby'edda, ebifaananyi tebisobola kumenyeka. Akabonero akasembayo, okusinziira ku Yesu, Yagamba nti, "Nga bwe byali mu nnaku za Sodoma, bwe bityo bwe biriba mu nnaku Omwana w'Omuntu lw'Alibikkulwa." Labayo wano we kitudde olwaleero! Ab'emikwano, nnandibabuulidde ebintu wano ebitali bituufu kubabuulira, naye nga bijja kubawunuukiriza.

46 Njagala mbabuuzeeyo akabuuzo nga tumaliriza, nga tetunneeyongerayo mu lukuaana, mu ddakiika ntono. Ssimanyi oba nnyinza okubabuuza kino.

Buli omu yenna amanyi nti ensi, mu kifo, buli kimu kyonna eri mu ntegeka olw'Okujja Kwe. "Musisi mu

bifo ebitalil bimu; omwezi guvaamu omusaayi omumyufu, manyanga olunyata olumyufu oluva mu nsozi eziwandula omuliro, lugibikka," nga Yesu bwe Yagamba nti mwetegereze akabonero ako mu nnaku ez'oluvannyuma; "Ennyanja okuwuluguma, emitima gy'abantu nga gityemuka olw'okutya, okw'eraliikirira ebiseera, obutabanguko mu mawanga."

Laba okuwaba okugenda mu maaso olwaleero! Bitunuulire olwaleero, byeyongedde mu Calfornia ana-ku-kikumi, ogw'abali b'ebisiyaga, okwagala okw'obutonde kwavaawo dda.

47 Laba ku…Labayo ebiriwo olwaleero, engeri abantu gye bagenda okusigalanga awaka, abeeyita Abakristaayo, ne bawuliriza abantu abafaanana nga Pat Boone, Elvis Presley, Ernie Ford, n'abo abayimba ennyimba ez'okusinza ku lwa Sande, ne batunuulira ebintu ebifaanana bwe bityo, ne babatunuulira nga banuuna emimwa gy'abakazi, n'ebintu ebiri ebweru eyo.

So nga, tewali musajja yenna alina kunywegera mukazi okutuusa nga amuwasizza. Obwo busimu bwa kisajja na kikazi nga bukwatagana. Ne bwe kiba ludda wa, kikyamu. Kiba kikolwa ekitandiikiriza okwegatta. Obusimu obw'ekisajja n'obw'ekikazi bwe bukwatagana, kiba kikolwa kya kwegatta. Era kikoze…Omusajja n'anywegera omusajja emimwa, nga kimusesemya, oba omukazi ku mukazi. Lwaki kya njawulo? Kiba kikolwa ekivaamu okwe-okwegatta. Ky'ekyo. Kifaananyi kya Kristo okunywegera Omugole We, laba. Ekyo tokikolanga.

Naye kitunuulire olwaleero, firimu zino zonna n'ebirala, nnamungi w'okunywegeragana n'okugwaana mu bifuba. Era kyenkana bwenzi bwa lwatu, buli wamu, naye abantu bamuzibe tebabulaba. Ky'ekyo! Buli kimu kyonna kiri mu mbeera ya Sodoma, buli kintu kyonna kiri mu mbeera ya Sodoma, Sodomu mwereeere buli wantu, nga Baibuli bw'egamba.

48 Ebintu bingi nnyo, labayo mu nnaku zino, bye Yagamba nti bigenda kubeerawo! Laba ebisuubizo bye Yakola, ebiribaawo mu nnaku zino. Olyoke obigeraageranye, n'ebigenda mu maaso, olyoke olabe wa we tuli, awo olabe oba Akyali mu Kigambo Kye oba nedda.

Baayagala okulaba akabonero ka Musa, akabonero ka Dawudi. Ako tekaali ka mulembe gwabwe; kaasubizibwa mulembe gwa Musa na mirembe mirala. Ekisuubizo eky'omulembe guno kituukiridde. Yali abalagidde ddala butereevu, Ye, ng'Akozesa Ebyawandiikibwa, yabayita banoonye Ekyawandiikibwa, okulaba lunaku ki lwe baalimu.

Ali mu kukola ekintu ky'ekimu mu kiseera kino kyennyini! Noonya mu Byawandiikibwa ggwe akkiririza mu Baibuli, Biki ebiteekeddwa okubeerawo wano wennyini nga tannaba kujja?

49 Labayo ensi yonna, w'eri; kaakati, eyo y'ensi. Laba ekkanisa, wa w'eri. Labayo w'eri. "eri mu kugwa. Ya kibuguumirize, Lawodiikiya, eri mu kugobera bweru Kigambo." Ekintu kyonna kigenda kuggweera mu World Council Of Churches (Akakiiko akanene Akagatta Amasinzizo Gonna Agagoberera Kristo.) nga kitondawo akabonero k'ensolo; Baibuli kye yalangirira nti kikyamu, n'ebintu ebyo byonna, so nga ate Abapulotesitanti bali mu kukiyingiriramu ddala, butereevu, olw'obutamanya Byawandiikibwa. Bulombolombo bwabwe! Ha, baagala muntu wa-wa-wa-wa maanyi, era bagenda kumufuna. Bajja kukola kyonna ekisoboka okulaba nti bamufuna.

50 Yalina, labayo, naye Yesu Yali Yeerangidde ddala bulungi kiki kye Yali, era n'Akakasa gye bali kiki kye Yali, mu mulembe Gwe.

Era ekintu ky'ekimu n'olwaleero! Kati laba, leka tutwale ebyo ebiri mu Lukka 17, "Nga bwe byali mu biro bya Sodoma." Laba ensi, laba ekkanisa, mbeera ya Sodoma! Laba Lutti we yali; abasajja abo bwe bagezaako oku-okunyigiriza oluggi, eri bamalayika bano, abasajja bano.

Weetegereze, tunula wano. Bano bagize…Labayo, Ibulayimu yali ku lusozi. Teyali mu Sodoma. Ekyo kifaananyi kya kugeraageranyizaako.

51 Mu kukuaana okw'amadiini bulijjo wabaawo ebika bisatu eby'abantu; abakkiriza, abeefuula obwefuuzi abakkiriza, n'abatakkiriza. Olubeerera baba basatu! Kale baali awo; waliwo Omunnasodoma omutakkiriza, Lutti eyeefuula obwefuuzi, ne Ibulayimu ekkanisa ennonde.

Kaakaati, weetegereze ababaka baabwe mu biro ebyo. Ababaka babiri be baaserengeta e Sodoma. Tebaakola kyamagero kyonna, baabaziba buzibi maaso. Okubuulirwa kw'Ekigambo kukikola ekyo.

52 Naye weetegereze kika kya kya magero ki Malayika ono eyasigala ne Ibulayimu kye yakola. Yakyusa omugongo gwe. N'abuulira Ibulayimu nti erinnya lyo likyusiddwa; n'ayitibwa "Ibulayimu" mu kifo kya Abulaamu. Teyasobola kuzaala mwana okutuusa erinnya lye lwe lyakyusibwa, wadde Saala. Yababuulira amannya gaabwe. Malayika ebyo ye Yabibagamba. N'agamba nti Yali Agenda kukyalira Saala okusinziira ku biro eby'obulamu.

Ekyo Saala n'akisekerera. Saala bwe yaseka…Omusajja n'akyuka n'akubayo omugongo, Omusajja eyalya ennyama y'akayana, n'anywa n'amata g'ente, n'alya n'omugaati; Omusajja, n'enfuufu ku ngoye

Ze, omutambuze, Yali Katonda Yennyini. Era Ibulayimu yakitegeera kubanga Yamanya ebirowoozo ebyali mu mutima gwa Saala eyali emabega We. N'agamba nti, Lwaki Saala yeebuzizza nti, "Bino ebintu bisobola bitya okubaawo?' Waliwo ekirema Katonda?"Olaba? Saala n'afuluma n'akyegaana. Yagamba nti, "Ddala, okikoze." Kaakati, Yali Asobola okutta Saala awo wennyini, olw'obutakkiriza, wabula, labayo, Saala yali kitundu ku Ibulayimu.

Kale obutakkiriza bwaffe mu kulabisibwa Kwe okunene mu budde buno; tuli kitundu ku Kristo. Ajira bugizi, laba, tuli-laba, ffe… A-Alina okukikuuma.

53 Kaakati, genderera, mu byafaayo byonna tewabangayo kiseera mu mulembe gwa kkanisa…Kale waliwo omuyizi owannamaddala gwe mmanyi nti njogera gy'ali, munnabyafaayo. Tewabangawo. Mbuuza omuyizi wa Baibuli yenna ambuulireyo omuntu omu eyali atumiddwa eri omulembe gw'ekkanisa, mu kkanisa eno okuva ku kukomererwa kwa Kristo, obuweereza nga bwa nsi yonna, nga erinnya lye lisembyayo ennyukuta zino h-a-m (mu lulimi olungereza) nga Ibulayimu, okutuusa leero. Sankey, Finney, Moody, Knox, Calvin; naye we waabeerawo G-r-a-h-a-m okusooka, Billy Graham, omubuulizi w'enjiri ow'ekitalo ebweru eyo n'ebibiina by'amadiini ebiri e Sodoma? Tekibangawo. Waliwo Oral Roberts ow'omulembe ebweru eyo ali n'Abapentekoote, ekintu ky'ekimu. Ekyo mubadde mukiamanyi?

Naye ennyukuta, h-a-m! Kati, G-r-a-h-a-m ziri mukaaga zokka (mu lulimi Olungereza), naye A-b-r-a-h-a-m (mu lulimi Olungereza) ziri ennyukuta musanvu. Omukaaga muwendo gwa muntu, kibiina kya muntu ekigunje muntu y'akikola; naye A-b-r-a-h-a-m (mu lulimi Olungereza) ziri ennyukuta musanvu. Kaakati weetegereze, mu Kkanisa abalonde abasikibwayo, so si ebibiina ebyo eby'amadiini, wabula ekkanisa Ennonde okuvaayo, nayo, ya kufuna omubaka, mu nnaku zino ez'oluvannyuma.

54 Kiki ekigenda mu maaso emmanga eyo? Kiki ekigenda mu maaso engulu awo? Kigeraageranye ne Yesu bye Yayogera. Tekibangawo mu buyafaayo bye twali tutaddewo. Era obubonero bwe bumu obw'okukolebwa! Temukitegeera, bannange, n'okukyekkenneenya nti Katonda y'Azze wansi mu Njiri, mu bantu Be, nga Yeeyoleka? Temutegeera budde ki bwe tulimu? Tuzze mu kukuba bukubi ngalo zaffe, kukuba nnanga, n'okuddamu mu bikwate, Ekigambo ne tu-tukivaako, ne tutuuka n'okuba abazibe b'amaaso ku Kyo? Mazima ddala ssi bwe tuli. Leka tutegeere obudde bwe tulimu.

Peetero, Nassani manyanga Nassanayiri, n'omukazi bbo baakitegeera. Baa-baategeera akabonero Ke, akabonero k'obwa Nnamasiya.

Ky'ekimu ne kaakati ebintu bino bye njogera. Awo nno eri omulembe guno, Yesu Yagamba nti…kati mwetegereze, Ali mukujuliza eby'emabega, nga waliwo omulembe gw'ababuulira. Katonda, mu mulembe gwonna, bwe Yaweerezanga Obubaka Bwe, nga kye kyalinga Ekigambo Kye, n'Abulaga omulembe ogwo; abantu abaabukkirizanga, kyali kiseera kya kitalo gye bali; abantu abataabukkirizanga, baayingiranga mu mivuyo. Bwe kityo bwe kibaddenga.

55 Okufaanana nga mu biro bya Yesu, ekintu ky'ekimu. Mumulabe ng'Ayimiridde wano kaakano. Yagamba nti, "Nga bwe kyali mu biro bya Yona, mu Yona; nga Yona bwe yali mu lubuto lw'ekyennyanja, ennaku ssatu emisana n'ekiro, bwekityo n'Omwana w'Omuntu bw'Ateekeddwa." Yagamba nti, "Omulembe omubi era omwenzi gugenda kunoonya akabonero."Kaakati mumanyi kye ndowooza nti kye Yali Akola? Yali Awa bunnabbi nti, "Omulembe omubi era omwenzi."

Ssimanyi oba omuntu yenna nga ategeera bulungi asobola okuwakana nti tetuli mu mulembe mubi era omwenzi, nga abasiyazi, okuwaba! Ne sipiidi abafumbo kwe baawukanira mu Amerika eri waggulu okusinga awalala wonna mu nsi. Era ensi yonna eyingidde mu kavuyo kaakwo. Basatu mu buli bantu abana, kyenkana, baayawukanako mu bufumbo, wonna, ekintu kyonna mu bufumbo ne bakyetoolooleza mu myaka kkumi. Olaba? Kirowoozeeko! Okwawukana mu bufumbo, ate n'oddamu ne mufumbiriganwa era n'oddamu ne mufumbiriganwa, ne mwawukana ate n'oddamu ne mufumbiriganwa. "Baali balya, nga banywa, nga bawasa nga bawayira." Laba essaawa gye tulimu. Byali bibaddeko bitya mu mivuyo egyenkana awo?

56 "Oumlembe omubi era omwenzi gulinoonya akabonero, wekkaanye, era balifuna akabonero." Kiki? Omulembe guno. "Kubanga nga Yona bwe yali mu lubuto lwa lukwata; ennaku ssatu, emisana n'ekiro, Omwana w'Omuntu Ateekwa okuba mu mutima gw'ettaka okumala ennaku ssatu emisana n'ekirio." Kabonero ki omulembe ogwo omubi era omwenzi ke gulifuna? Akabonero ak'okuzuukira.

Era olwaleero, oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, Yesu Kristo tukyamulaba mu maanyi ag'okuzuukira Kwe, Ayimiridde wakati mu ffe, ng'Akola bye Yakola mu biro ebyo era bye Yasuubiza okukola." "Omulembe omubi era omwenzi gulinoonya akabonero, olubeerera baba baagala ndagaayo *kino*, bw'oba osobola okukola *kino* na *kiri.*' Bagenda kukafuna, akabonero ak'okuzuukira." Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna; Ekigambo nga Kirabisiddwa, kitambulira mu ffe. Nga tusaanye Katonda okumwebaza olw'akabonero ak'ekitalo!

57 Genderera waliwo ekintu ekirala kye Yajuliza awo. Yagamba nti, "Nga kabaka omukazi ow'omu

bukiikaddyo aligolokoka," oyo ye nnaabakyala w'Esiyopiya. Kaakati muwulirize nnyo.

> *Kabaka omukazi ow'omu bukiikaddyo aligolokoka n'omulembe guno mu kusala emisango, era aligusalira omusango; kubanga: yava awaali wasingayo okuba ewala mu nsi okuwulira amagezi ga Sulemaani; naye, laba, Asinga Sulemaani Ali wano.*

Weetegereze, leka tukijulize ekyo, okumala eddakiika ntono. Yali Asoma Baibuli y'emu gye tusoma, ku Yona, era Yali Asoma ku Sulemaani. Kaakati, omulembe gwa Sulemaani bwe gwajja, yalina e…yalina ekirabo eky'okwawula emyoyo. Era abantu bonna, eggwanga lyonna, lyakikkiriza. Bonna baali bassa kimu era nga bakolagana. Buli muntu yenna yakikkiriza.

Singa buli muntu yenna, akawungeezi ka leero, ssinga America yonna, ekyuka okudda eri Katonda n'ekkiriza Katonda, bwe bukakafu obusingayo bwe tulina, bwe bujja okuba obuddukiro bwonna okuwona zibbomu na buli kirala kyonna.

58 Tewali yeesiruwaliza ku Sulemaani. Baamutyanga kubanga yali musajja eyalina ekirabo. Kale abantu nga bamukkiririzaamu bwe batyo, yatumibwa Katonda, ne batuuka n'okumufuula kabaka waabwe. Amawanga gonna gaalinga gabatya; ssi lwa kubanga baalina amaanyi mu by'ekijaasi, wabula lwakubanga Katonda Yalinga nabo.

Kale eggwanga lino abeeyita mbu Bakristaayo, ssinga kimu kyokka, bonna awamu, beesiba ku kirabo kino eky'ekitalo ekituweereddwa mu nnaku ez'oluvannyuma zino, Omwoyo wa Katonda Omutukuvu ku Kkanisa. Ssi ekiyiiye. Omwoyo wa Katonda! " Ssi lwa buyinza, ssi lwa maanyi, wabula lwa Mwoyo Wange," bw'Ayogera Katonda. Omwoyo Omutukuvu, Yesu Kristo mu kifaananyi ky'Omwoyo, ku ffe, "Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna," nga Ekigambo kino Akifuula ekiramu kye Yagamba nti bwe kityo bwe kigenda okukola. Weetegereze nnyo kaakano.

59 Oh, amawulire gaafuluma mu nsi yonna! Tebaalina ttivvi na leediyo, n'ebirala mu biseera ebyo, kale baabitambuzanga na mumwa. Bwe waayitawo akabanga enseregende ennene ne zijja okutuukira ddala mu Ddungu lya Sahara, ekyatwalanga olugendo lwa myezi esatu okuva mu Palesitina okutuuka nnaabakyala oyo we yabeeranga. Ate nga okukkiriza kujja (na ki?) kuwulira, okuwulira Ekigambo kya Katonda. Kale bwe yawulira ku lukuaana olunene luno lwe baali bakoze eyo. Era ekiseera kyonna oluseregende lwajjanga okuva eyo, yabuuzanga nti, "Mugize, muyise mu Palesitina?"

"Weewaawo."

"Oh, ate ekyo?"

"Oh, ki-kisukkulumu ku bintu byonna! Tolabanga ku kwawula mwoyo okwenkana awo. Kifaanananga lubaale nga atudde awo. Katonda Owaabwe Alabikira mu musajja ayitibwa Sulemaani."

60 Kale nno, "okukkiriza kujja nga kuyita mu kuwulira." Omutima gwa kabaka omukazi gwatandika okutujja ye okwambukayo azuule ebikikwatako. Labayo, kabaka oyo omukazi yali yayawulwa dda eri Obulamu.

Kaati wekkaanye, kaakati ekintu ekisooka okukola, omukazi nga bwe yali omukaafiiri, yalina okufuna olukusa okuva ewa kabona we, okugenda. Kale muli nkuba akafaananyi nga mmulaba agenda ewa kabona we, amugamba nti, "Faaza omutukuvu, mpulira mbu balina eyo engulu okudda obuggya okw'amaanyi eyo mu-mu Palesitina. Nsaba kunzikiriza endeyo nneerabirareko,"

"Kati nno, mwana wange, ssaagala otabulwetabulwe mu bintu nga…Ate n'okuba, okwo okudda obuggya ffe tetukuliimu, n'olwekyo to-toyinza kugendayo. Labayo, ebyo butaliimu bwereere. Te-temuli kantu n'akamu. Abantu abo bagamba mbu okujja baayita mu Nnyanja Emmyuufu, era baakola *kino* na *kiri*. Butaliimu bwereere. Ssinga waaliwo ddala ekintu ekifaanana bwe kityo, kyandibadde mu eklezia eyaffe wano wennyini." Tukyalina abakaafiiri.

61 Kale tusanga nga enjala y'okumanya yatandika okumuluma. N'agamba nti, "Kaakati laba," n'agamba nti, "baamba nti, nno, 'Katonda Waabwe engulu eyo Alabikira mu muntu, era amagezi ge gasukkuluma ekintu kyonna. Okwawula kwe okw'omwoyo kwa kitalo.'"

"Oh, ebyo temuli kantu."

Kko omukazi nti, "Wabula nnyi-nnyinza oku…"

"Kale, labayo, oli nnaabakyala, tosobola kwegatta mu kibinja ky'abantu bwe batyo. Ekyo, tosobola kukikola. Ekibinja ky'abantu ekyo, kimanyikiddwa mu nsi yonna nga bannaddiini abazoole. Ekyo tosobola kukikola."

Naye, olaba, Katonda bw'Akolagana n'omutima gw'omuntu, waba tewali kigenda kukiremesa. Omwami, omukyala, abaana, omusumba, tewali kirala kisobola kukiyimiriza nga ddala omuntu alumiddwa

enjala y'okunoonya Katonda. Mu buli ngeri bakikola. Kale nno omukazi ne yeetegeka, okwetegeka.

62 Kale, yandigambye nti, "Kale, nja kukuwa...Nja, nja kukugoba okuva mu kkuŋŋaaniro lyaffe."

"Kale, ekyo musobola okukikola. ŋŋenda kwezuulira nze kennyini ekikwata ku kino kyonna, era mulabe."

Omukazi yali aleese emizingo nga era asomye ebyo Yakuwa by'Ateekeddwa okuba, ku kikwata ku bannabbi Be na kikikye bateekeddwa okukola, ngeri Ekigambo kya Katonda gye kiyinza okwerabisaamu, engeri y'okumanyaamu ebintu bino nga bikiikiriddwa, nga byebikidde mu mubiri gw'omuntu, kiki kye guyinza okukola. Kale omukazi ebintu bino byonna yali abisomye.

Kale mmuwulira ng'agamba mbu, "Kale, labayo, ekitabo kyaffe kigamba bwe kiti," bw'atyo bwe yayogera.

"Weewaawo, labayo, nze…jjaja-wa-jjajja wa-jjajja wange omukazi yayimirira mu maaso g'ebifaananyi bye bimu. Yayimirira n'addamu essaala ezo, buli lunaku obutayosa. Tewaabaawo n'emu ekola, ewuuna, oba ekirala kyonna. Kale nkooye, ekifaananyi ekikadde kino ekifu. Njagala ende ndabe oba waliyo Katonda Omulamu." Kyannaku nnyo okuba nti ennaku zino tetukyalinayo bakabaka abakazi nga oyo.

63 Awo ne yeetegeka okugenda. Kati bwe yatuuka wano w'ateekwa okugenda, kati, jjukira, yalina obuzibu obw'amaanyi. Tekyali kyangu nga ggwe bwe kyandikwanguyidde. Kaakati weetegereze kye yalina okukola.

Ekintu ekirala kye njagala kiikino, kye ssaagala kulekayo. Yagamba kino nti, "Nnyambuka eyo, era enda kutwala ku ssente. enda kutwala ku birabo era bwe kiba nti ge mazima, enda kugawagira, bwe gaba nga ssi ge mazima, awo nnyinza okukomyawo ssente zange."

Omukazi oyo yali asobola okuyigiriza Abapentekoote. Yee, ssebo. Okuwagira ebintu eyo ebisekerera era ne bijerega okuwonyezebwa kw'Obwakatonda, ate nga owowagira pulogulaamu za leediyo mu kifo ky'okuwagira ekkanisa yo, ekyo bwe kiri, n'oseka n'ojerega ebintu byennyini by'okkiririzaamu.

Naye omukazi n'agamba nti, "Nja kukitwala. Naye bwe kitaba kituufu, nnyinza okukikomyawo."

64 Kaakati mujjukire, n'obuggagga buno bwonna awo, ku amiya zino. Era kaakati mujjukire, abeebagazi b'eamiya aba Isimayiri abaali abanyazi b'omu ddungu, baali bweru awo. Nga kyandibanguyidde nnyo okuyingiramu oku-okulumba, era, lwaki, bandibadde batta abalaawe abatono abaali n'omukazi ono, ne batwala ssente ezo ne babulawo.

Naye waliwo ekintu ekikiriko, bw'oba nga ddala omaliridde, nga Katonda Yeebikkula, omaliridde okulaba Kristo, tewali kabi mu maaso go. N'okufaayo teweefiirayo! Dokita agamba mbu ogenda kufa, tokiraba na kukiraba. Bw'oba onyigirizaakokko, oba omanyi nti waliwo ekintu ekiriwo.

65 Munda mu mutima gwe mwalimu ekintu ekyali kyaka, okukkiriza mu Katonda ono! [Wano ku lutambi ebbanga jjereere-Omuk.]… emyezi esatu okutambula okumalako eddungu lya Sahara. Si mu mmotoka kapyata ey'ekika kya Kadiraka omuli ebiwujjo by'empewo. Nedda, nedda. Kyamutwalira emyezi esatu okumalako Eddungu lya Sahara, oboolyawo yatambulanga kiro, nga asoma emizingo, emisana awaalinga enzizi, ppaka lwe yatuuka.

Kaakati, Yesu kye Yava Agamba nti omukazi mu nnaku ezisembayo alivaayo n'asalira omulembe guno omusango, kubanga abamu ku bo tebajja na kusala kkubo; naye Asinga ku Sulemaani Ali wano, Omwoyo Omutukuvu Yennyini. Olaba? Kye kiva kiba nti aligolokoka mu nnaku ez'oluvannyuma asalire omulembe guno omusango!

66 Laba, yamala n'atuuka. Teyajja okufaanana nga abantu abangi, abantu abamu abagenda okujja mu lukuaana olutali lwa bulijjo. Yajja n'atwala eamiya ze, n'agenda mu lujja, n'asimba weema ze, era yali agenda kubeera awo ppaka nga amatiridde ddala.

Abantu abasinga obungi bajja kujja batuulewo, mpozzi okumala eddakiika nga ttaano, oboolyawo abiri-mu-ttaano. Amangu ddala omubuulizi oba omulala nga ayogedde ekintu ekikontana n'ekyo ye ky'a… ky'alwooza nti ekiyiiye kye kyekigamba, oba, ekikwate kye, bafuluma bufulumi. Laba, tebalina na mpisa. Y'ensonga lwaki omukazi oyo agenda kusalira omulembe guno omusango; yajja abeererewo ddala ppaka nga aweddemu akakunkuna.

67 Muli nkuba akafaananyi olukuaana olwasooka amakya ago, amakondeere gonna bwe gaavuga, Musumba Sulemaani n'avaayo. Omukazi ayinza okuba nga yali atudde eri emabega. N'agamba nti, "Kaakati nze kennyini nja kwerabirako. Mmanyi nti ekyo Yakuwa ky'Ateekeddwa okuba. Omuntu ayinza okweyogerako obweyogezi, naye nze nja kuzuula." Kale yatuula awo ku olwo ne yeetegereza, n'alaba buli omu nga ajja ku kadaala. Yalaba nti okwawula kw'omwoyo okwo kwali tekuliiko kamogo.

Ku nkomerero, leka tugambe nti kkaadi ye ey'ab'okusabirwa yasomebwa, ekiyinza okuba ssi bwe kyali, naye ekiseera kye okujja mu maaso ga Sulemaani kyatuuka. Era Baibulil egamba, nti, "Bwe yajja okuyimirira mu maaso ga Sulemaani, nti Katonda Yaganya Sulemaani okumanya ebyama bye byonna. Tewali kyakwekebwa." Awo eky'amagero ne kimukolebwako.

Olwo n'akyukira ekibiina, n'agamba nti, "Ebintu bino byonna bye mpulidde bituufu, ate bisinga ne ku bye nnawulirako." Olaba? Oh. Teyasigalamu bulamu bwonna, omukka gw'assa gwamuggwaamu, kubanga omusajja wuuno eyali tamumanyi, omuntu omupya, n'abikkula ebintu bye yayagala okumanya.

68 Oh, Yesu nga Ayimiridde awo, Eyali Asinga ku Sulemaani! Ye Yali obulamba bwa Katonda mu mubiri. Ye Mwana wa Katonda Eyazaalibwa embeerera. Yayambala, Yakuwa n'Alabisibwa mu mubiri. Wuuno Yali Ayimiridde wano mu bujjuvu, ne bagamba nti tebagenda kumukkiriza, okwawula emyoyo okusingawokko. Labayo, Ye Yali Sulemaani n'okwongerako Dawudi, n'okwongerako abalala bonna abasigadde baali mu Ye. Bannabbi bonna baggweera mu Ye, Asinga ku Sulemaani.

Era ne mu nnaku ezo, Yagamba nti, "Ebyo ebigambo ebibi bw'obyogera ku Nze, Nja kukusonyiwa, Naye Omwoyo Omutukukvu bw'Alijja, kigenda kuba kisingako bwe kiri kaakati, n'okusalirwa omusango nakwo kuliba kusingako."

Era tuyimiridde wano olwaleero tulaba nti Katonda y'Omu Oyo Yennyini Akola ekintu ky'ekimu! Nzikiriza agenda kugolokoka ku Lunaku lw'Omusango asalire omulembe guno omusango, kubanga yeenenya n'akkiriza obubaka Sulemaani bwe yali abuulira, n'akkiriza Katonda. Yalaba ekintu ekyannamddala.

69 Omanyi, obuzibu obuliwo ennaku zino, waliwo abantu, abantu bangi, nga bantu ababeera obubeezi bammemba ne bagenda mu kkanisa ne babeera n'ebikwate. Labayo, balabye bingi nnyo ebitali bituufu, bingi nnyo nga mateeka buteeka, n'ebizimbe ebinene ebirungi. Naye-naye, ffe, tugira, tetu-tetugezanga ne tuba n'obusungu obw'ettumbiizi. Labayo, Katonda mu bizimbe ebinene ssi mw'Abeera; Abeera mu mutima gwo. Labayo, Katonda Tabeera mu byabuyigirize eby'obwongo; Ali wala nnyo okuva ku ebyo. Atuula mu bukkakkamu, mu mutima gwo.

Abeera mu Kigambo Kye, era Ekigambo Kye Kijja mu mutima gwo ne Kyeyogerera kyokka, era ne kirangirira. Ye Yeetaputira Ekigambo Kye ng'Ayita mu ggwe. Ali mukugezaako okufuna omuntu gw'Ayinza okunyweza, okulaga nti Akyali Katonda. Olaba? Era Ali, Ajja kukikola ekyo ssinga Afunayo omuntu gw'Asobola okwogera naye. Ssinga Asobola okufuna omukazi omulala alina ekikulukuto ky'omusaayi. Asobola okwogera ekintu ky'ekimu. Akyasobola okukola ekintu ky'ekimu, okumanyisa, okulangirira. Tuli mu Kubeerawo kwa Katonda, tetukutegeera butegeezi.

70 Kinzijukiza akaboozi. Nnyinza okuba nga nnakabanyumizaako olumu, simanyi. Kaba katuukagana n'ekiseera kino. Nga mwenna bwe mumanyi, nji-njigga ensolo ennene. Nnali ngulu eyo ku ttale mu mambuka, nnagendangayo okuyigga ebbanga lyonna. Nnalinangayo mukwano gwange eyo nga ayitibwa Bert Call. Yali muyizzi mulungi, nga alimu omusaayi gw'Ekiyindi. Ssaamweraliikiriranga, nga tagenda kubula. Era gwali gutusaza mu kabu, naye oyo ye yali omusajja asingayo okuba omwonoonyi, mu mutima, gwe nnali ndabye. Nga kyenkana alinga atalina mutima yadde. Yateranga okutta obuweewo, obuyana bw'empeewo, kunnumya bulumya. Yajiranga n'agamba nti, "Oh, mmwe ababuulizi mulina emitima gya nkoko. Billy, wandibadde muyizzi mulungi ssinga tewali mubuulizi wa njiri." N'agamba nti, "Oli mutiitiizi nnyo."

Ne mmudamu nti, "Bert, obwo ssi butiitiizi."

Kaakati, ssi kibi okutta akaweewo etteeka bwe liba likukkiriza. Ibulayimu yatta akayana n'akagabula Katonda. Ekikulu ssi bunene bwako oba kalume oba kakazi.

Okuggyako okukakozesa obubi, yabukubanga bukubi n'aseka, n'aseka kubanga kyampisanga bubi. Kale, kaakati, ekyo kye ya-yakola.

71 Waliwo omwaka lwe nagendayo eyo. Yali yeekoledde akafirimbi ke yafuuwanga, nga kavuga nga eddoboozi ly'akaweewo, omanyi, nga kaba kanoonya maama waako. N'aamba nti, "Hey, Billy, nga tetunnatandika nkya ya leero," nti nno, "Nnina kye njagala nkulage." N'akandaga.

Ne mmuddamu nti, "Bert, tojja kukozesa kintu kifaanana bwe kityo."

Kko ye nti, "Oh, ddamu amagezi." Omusajja nga amaaso gamulinga ag'omunya, nga bano abakazi abagezaako okwesiiga langi, mumanyi bwe babikola, bwe batyo. Omanyi, yantunuulira, n'amaaso ago agalinga ag'omunya, kale nga eriiso lye lintiisa.

Ne-ne mmugamba nti nno, "Bert, tokikola ekyo."

Kko ye nti, "Oh, mmwe ababuulizi abatiitiizi!"

72 Kale nno, twali-twali…Nnakeerewamukko okuzuukuka mu kiseera ekyo. Kale engabi ezo ez'emikira emyeru… Zo engabi ennyumbu, ejja kutambula ejje w'oli, naye ssi ezo zissempala. Buli lw'eba ekubiddwa ekyasi, ebeera eri…Yogera ku Houdini okubeera omubumbi, oyo wa wansi nnyo, ku ziri. Kati obudde bwali bugenze ate nga baali bazikubyemu amasasi. Ezo empeewo zo zaali zeekwse wansi, nga zirya kiro nga omwezi gwaka, nga emisana ziba zeebase. Twatambula ne tutuuka ku Jefferson Notch eky'edda, ne tutuukira ddala waggulu ku Lusozi oluyitibwa Washington. Nga, omuzira okuva ku ttaka guweza yinki mukaaga, embeera ennungi ey'obuwufu, ssaalabako yadde obuwufu n'obumu.

N'abuuza nti, "Olowooza ki Billy?"

Ne nziramu nti, "Awo zonna mwazikanga ne zivaawo, ezo zi sseruwandula masasi ze mukubisa."

73 Kale ne tweyongerayo. Nga wayiseewo akabanga, ku ssaawa nga ttaano. Bulijjo twatambulanga ne fulasika nga zijjudde chocolate ayokya. Nga bw'olumizibwa, oba ekirala, okucamuka okwo, ne ttoosi y'omugaati ogulimu ennyama. Kale essaawa zaali awo nga ttaano oba ttaano n'ekitundu, ndowooza, ne tutuuka mu kyereerezi ekyenkana nga ekisaawe kino wano, oba ekizimbe kino, nga temuli mbaawo. Kale yatuula butuuzi wansi, emmundu ye n'agyesigamya ku muti, n'atandika okukunuukirizza eno emabega. Ne ndowooza nti yali addayo mabega kukima-kukima fulasika ye.

Ne ndowooza nti, "Kale, tujja kulya." Bulijjo tulinnya waggulu ku ntikko y'olusozi ne tulya, omu n'adda eno n'omulala n'adda eri ate ne tukomawo. Era nga ekkubo lyonna tulimanyi, nga ddungi. Kale nga ssinga tufuna empeewo tugiwanika buwanisi, tuba tumanyi, ne tugenda ne tuyambagana okuziyingiza. Kye nnava ndowoza nti yali agenda kulya kyamisana kye, tulyoke twawukane, kubanga twali tunaatera okutuuka emiti we gikoma okuwanvuwa. Kale nno ne njira…

74 Yatuuka emabega. Nange ne enda okukima fulasika yange, nfune chocolate wange, ne ntandika okufuluma bwe ntyo. N'asikayo akafirimbi ako akakadde mu nsawo ye, n'akafuuwa bw'atyo. N'antunuulira nate n'amaaso ago agalabika nga ag'omunya n'afuuwa akafirimbi ako. Bwe yakafuuwa, empeewo enkazi ennene n'eyimirira, ebbanga obuwanvu nga ekizimbe kino.

Kati singa abamu ku bannyinaffe bamanyi, doe (mu lungereza) y'empeewo enkazi nnakazadde. Kale, labayo, akafirimbi ako ke kaali akaweewo akato, kale kaakaaba, eno empeewo enkulu n'eyimirira. Awo ku ssaawa zennyini nga ttaano emisana, omuyizzi w'empeewo yenna amanyi nti ekyo ekiseera kikyamu. Ziba zeebase.

75 Kale nnakazadde yayimirira n'emagamaga. Nga ngirabira ddala bulungi nnyo. Ye n'antunuulira emabega, n'addamu n'afuuwa. Mu kifo ky'o-ky'okudduka nnakazadde yatambula butambuzi awo mu kyangaala.

Kaakati ekyo si kya bulijjo. Tezikikola ekyo. Omuyizzi yenna akimanyi. Kale tezijja kukikola, tezikola bwe zityo. Wabula yatambula ng'egenda butereeevu eyo. Lwaki? Yali nnakazadde; kali kaali kaana. Ky'ekyo kye kaali, labayo, kyatondebwa mu yo okuba nnakazadde, n'akaana ako.

Bert n'atunula wansi, n'asika akuuma k'emmundu ako ng'akazza emabega, n'akawanga mu eyo ey'ekika kya 30.06. Ate yali muteebi nnakinku. Ne mmulaba nga akka wansi bw'ati, ne mmanya nti agenda kuwummula ebituli mu mutima gwayo enjuuyi zombi, ssaayizi kikumi-mu-kinaana, essasi erifaanana nga akatiko. Ne ndowooza nti, "Bert, oyinza otya okukola ekyo? Osobola otya okuba omwonoonyi obwenkanidde awo, okuyitayo empeewo eyo nnakazadde ate n'okugikuba bukubi ekyasi, ate nga yo eri mukugezaako kunoonya mwana gwayo? Oyinza okukambuwala okwenkana awo n'okola ekyo?" Bwe ntyo bwe nnali ndowooza. Ne mmulaba nga akka wansi bw'atyo.

76 Nnali, nnali sisobola kukitunulako. Kyali kususse nnyo. Ndowooza ndi mutiitiizi. Nnakyuka bukyusi ne nkubayo amabega, ne nneebuuza nti, "Ayi Katonda, asobola atya okukola ekyo? Omuntu ayinza atya okuba omukopi okwenkana awo, okukola ekyo, okukuba obukubi omutima gwa nnakazadde oyo okuguggyamu?"

Kaakati yali takola katemba. Yali takola mwoleso. Yali nnakazadde. Yalaba omuyizzi nga asuula emmundu asuula emmundu eyo wansi, naye yadduka? Nedda, ssebo. Omwana we yali ali mu buzibu, awo nga ye ali mukugezaako kunoonya mwana we.

Ne nkyuka, nga bwe ambye, ne ntandika. Ne amba nti, "Mukama Katonda, ayinza atya okukola ekyo?" Nneetegereza, ne nninda, emmundu n'egaana okukuba.

Ne nkyuka ne ntunula, nga emmundu ekola *bw'eti*. Nga takyasobola kugikwata. Yakyuka, amaaso ge amanene ago agalinga ag'omunya gaali gakyuse, nga amaziga gakulukutira ku matama. Emmundu n'agikasuka ku bbibiro, n'agamba nti, "Billy, ekintuuseeko kimala. Nkulembera eri Yesu Oyo gw'oyogerako."

77 Awo wennyini ku bbibiro ne mmukulembera eri Kristo. Lwaki? Yalaba ekintu ekyannamaddala, yalaba ekintu eky'enkukunala. "Bwe basirika… amayinja gajja kwogerera waggulu."Nnakazadde oyo yali

teyeeraga bwerazi. Yali nnakazadde omutuufu. Ssi nsonga oba kyalimu okufa, oba ekirala kyonna, yali ayimiriridde ddala mu maaso g'okufa, ng'amanyi nti essasi eryo eddakiika yonna liyinza okuyuzaamu omutima gwe, naye ye nga anoonya mwana we.

Oh, ssinga tubeerera ddala Bakristaayo nga empeewo eyo bwe yali nnakazadde! Lwaki? Yazaalibwa nga nnakazadde, yazaalibwa kuba nnakazadde, tuzaalibwa kukkiriza Kigambo kya Katonda. Tuzaalibwa kukkiriza Yesu Kristo. Leka tukoteke emitwe gyaffe.

78 Bameka abali muno mu kiseera kino kyennyini, nga owanika n'omukono gwo, ogambe nti, "Ow'oluganda Branham, mazima ddala nandiyagadde okuba ekika ky'Omukristaayo ekyo nga akaweewo ako bwe kaali nnakazadde. Ssi-ssinga omutima gwange gwali gujjudde Kristo ne mba nga nsobola okuyimirira mu maaso g'ekintu kyonna mbeere Omukristaayo okufaananira ddala nga empeewo bwe yali nnakazadde. Nze, obwo bwe bumanyirivu bwe njagala? Onaawanika omukono gwo? Mukama Akuwe omukisa. Ekyo kirungi. Mukama Akuwe omukisa. Mingi nnyo, buli wamu. Nsiima nnyo okuba nti mukyalina ekintu mu mmwe ekijja okubakkirizisa.

Laba, watya ssinga tobadde mukkiriza? Ekyo tekyandibadde kya kusaalirwa, labayo omutakkiriza emitima gyabwe we gikakanyalira ennyo ne baba nga tebasobla na kukkiriza yadde akatono. baamala dda okusalirwa omusango, baggwa, baabula, tebalina kye bakimanyiiko, nga tebamanyi na kumanya ssaawa ki okufa we kuyinza okukonkonera ku nzigi zaabwe? Olina okufuluma okuyingira mu Butaggwaawo.

79 Yesu Yagamba nti, "Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwakubiri," kufuuka Mukristaayo nga akaweewo ako kannakazadde, "Togenda kulaba Katonda; owedde, ssi nsonga amakanisa ameka ge weegattako." Yali Ayogera eri abakulembeze b'amadiini ab'omu biro ebyo. Nikodemu, omusajja ow'emyaka ekinaana, n'Amugamba nti alina okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, ateekwa okufuuka ekika ky'Omukristaayo nga akaweewo bwe kaali nnakazadde awo.

Wabaddewo abatawanise mikono gyabwe, abamanyidde ddala Okubeerawo kwa Katonda, abakutegeera bagambe nti, "Mmanyi ndi mukyamu"? Bw'okitegeera nti oli mukyamu, oba otegeera Okubeerawo kwa Katonda.

80 Wabula bw'oba tomanyi nga oli mukyamu, Baibuli egamba nti, "Oli munaku." Mu mulembe guno, ekkanisa ya kuba nnaku, esaasirwa, enjavu, enzibe y'amaaso, wabula ate nga tekimanyi."

Ggwe lowoozaamu ssinga omusajja oba omukazi ali mu kkubo, nga munaku, muzibe w'amaaso, mwavu, asaasirwa, ali bwereere, nga osobola n'okubabuulira nti bali bwereere naye nga tebakikkiriza? Eyo nga eba mbeera ya kitalo mu bwongo!

Kale, kati, eyo y'embeera gy'erimu mu mwoyo. Abantu bazibe b'amaaso mu mwoyo, banaku, basaasirwa, bali bwereere mu maaso ga Katonda, boonoonyi bagezaako okwebikka n'amakoola g'omutiini ogw'ekibiina ky'eddiini ekimu ekigunje, naye nga tebakimanyi.

Onaawanika omukono gwo, omuntu omulala? Mukama Akuwe omukisa. Ekyo kituufu. Mukama Akuwe omukisa. Mu maaso go…Oboolyawo oli mugenyi wano, nga tolabangako Katonda ng'Aliko ekintu kyonna ky'Akola. Naye nga tonnalaba kintu kyonna, okyasobola okugamba nti, "Nja kukikkiriza okusinziira ku Kigambo. Mmanyi nti Asinga Sulemaani Ali wano; Mwoyo Omutukuvu wa Katonda Ow'ekitalo Waali. Muli mmuwulira. Mmukkiriza. Nja kuwanika omukono gwange, ndi mwonoonyi; nja kusaba obulokozi."

81 Kitaffe Ow'omu Ggulu, Wa omukisa bano abawanise emikono gyabwe. Tusaba nti okusaasira Kwo kuweebwe abo abo-aboonoonyi. Ekyo, oboolyawo ba mu kkanisa ndala. Abo, tekitegeeza nti ssi boonoonyi. Bawanise emikono gyabwe, baagala kulokoka. Mukama, wabaddewo Ekintu ekibabaddeko. Bakitegedde Mwoyo Omutukuvu Ali awo. Era ba-bategedde nti Abadde Katonda, nti era Abadde Ayogera gye bali nti, babadde tebalina bumanyirivu obwo bwe bateekwa okuba nabwo, ne bawanika emikono gyabwe.

Wagamba nti, "Ajja gye Ndi, Ssirimugobera bweru." Era mmanyi nti ekyo kituufu, wagamba, mu Mutukuvu Yokaana 5:24, nti. "Awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo Eyantuma, Alina Obulamu Obutaggwaawo; talijja mu musango, wabula avudde mu kufa n'ayingira mu Bulamu Obutaggwaawo. Ajja gye Ndi, Ndimuwa Obulamu Obutaggwaawo, Ndimuzuukiza mu nnaku ez'oluvannyuma." Ebyo bisuubizo Byo, Kitaffe.

Mbabanjaayo bonna buli omu. Oboolyawo waliwo Omukristaayo, Mukama, agezaako okutambula mu bulamu, ng'agezako okutambula obulungi okusingako, buli lunaku, era ba-baagala okuba n'obumanyirivu obw'oku-obw'okutambula obulungi, nga nabo, bawanise emikono gyabwe. Kitaffe, nkusaba Obawe emikisa. Akawungeezi kano bazuule Ekigambo ekyo ekimala byonna mu Kristo, ekifuuliddwa omubiri mu ffe. Kituwe, Mukama. Mbawaayo gy'Oli, mu Linnya lya Mukama Yesu Kristo. Amiina.

82 Mukama Akuwe omukisa. Nga mutuula mpolampola mu kasirise ddala, labayo, kaseera katono; ha, bannange, mpise mu budde bwange eddakiika ttaano kati, munsonyiwe, ssigenderedde kwogera kulwawo

bwe ntyo. Mbabuulire, leka, tulindeko katono, oba musobola munnyongereyo eddakiika endala ttaano.

Bameka abamanyi Katonda kye Yali? Tumanyi Baibuli ky'egamba nti kye Yali, era Baibuli egamba nti, “Aba bumu jjo , leero, n'emirembe gyonna.” Era Yesu Yagamba, mu Yokaana Omutukuvu essuula ey'e 14, olunyiriri olw'e 12, Yagamba nti, “Akkiririza mu Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola.” Ssi oyo eyeefuula obwefuuzi, naye, “akkiririza mu Nze.” Ekyo kituufu, baganda bange abaweereza? Kituufu ekyo. Abasomi ba Baibuli bameka abamanyi nga ekyo kituufu? Eggulu n'ensi biriggwaawo,‟ naye Ebigambo Bye tebisobola kulemererwa. Yakisuubiza ekyo.

83 Kaakati tewali, kubuusabuusa, abalwadde mu mmwe ebweru eyo. Ssibamanyi, n'akatono. Era okukakasa bye mbadde njogera gye buvuddeko katono, nga Malayika wa Mukama mu nnaku ezaayita, emabegako, nga, Yesu bwe Yagamba nti, “Nga bwe byali mu biro bya Lutti, bwe bityo bwe biriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu.” Olaba kye mbadde njogerako, amannya ago na buli kimu ekirala kyonna kiri mu kifo kyakyo, ekkanisa etuulidde ddala, ogiraba? Kati nkakasa musobola okusomera mu bbaasa ebintu bye ssiyogedde, mulaba kye ntegeeza. Kati oba mmwe abali muno, abalwadde era abeetaaga, nja…

Nninawo mulimu ki wano? Nnandibadde nnyimiridde wano lwaki, nga ndi mulimba? Ssinga ekyo kye mbadde nkola, ky'ekiseera njire…ssi, ssiyaayaana kuba mulamu. Wa-waakiri nfa. Wa-waakiri nvaawo ne mbeera ekirala okusinga okuba omulimba. Era Katonda kiki kyAnankola? Era ssimanyi oba nnaakeesa obudde, naawe tomanyi. Naye omulimba, twagala okuba…kigasa ki okuba omulimba, so nga osobola okuba omutuufu? Naye, olaba, Kipya nnyo gy'oli.

84 Kaakati, labayo, ssinga amba mbu nno Ebyawandiikibwa bino biteekwa okutuukirira, bye nsomye ne mbalaga mu nnaku bbiri eziyise, kiki Yesu kye Yali, Okubeerawo Kwe kye kiki mu kiseera kino! Era Ateekeddwa okukomawo mu nnaku ezisembayo, ekyo tukimanyi, okuyita mu mubiri gw'omuntu, Yeerangirire mu ngeri y'emu. Ffenna ekyo tukimanyi. Tukimakyi ekyo? Gamba nti, “amiina” oba bwe kiri. [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”-Omuku.] Kale. Kati mmwe okufuna emirembe, mbagamba nti, nkibagamba kino, mu Linnya Lye: Waali wano, Katonda y'Omu Eyakka wansi n'Ayogera ne Ibulayimu, n'Akyusa amabega Ge eri weema, Saala eyali mu weema, Yamanya Saala biki bye yali alowooza.

Yayogera ekintu ky'ekimu bwe Yajja wano. Yatunula mu kibiina n'Ategeera ebyali mu mitima gyabwe. Omukazi yakwata ku kyambalo Kye; n'Amagamaga ppaka lwe Yamuzuula, n'Amubuulira.

85 Omuzibe Battimaayo yakwata ku kyammbalo Kye, n'ayogerera waggulu nti, “Ggwe Omwana wa Dawudi, Onsaasire,” ng'Ayimiridde yaadi ebikumi bibiri okuva we Yali Ayise. Okukkiriza Kwe kwayimiriza Omwana wa Katonda, mu luguudo, n'Akyuka n'Agamba nti, “mumuleete wano.”

Kazzaakayo waggulu mu muti, gye keekweka, ne koogera, kale nako, tekakkiriza nti Yali Nnabbi. Yesu yajjira ddala butereevu n'Ayimirira wansi w'omuti n'Atunula waggulu, n'Agamba nti, “Zaakayo, kka wansi,” Yamuyita na linnya lye.

Nga Yesu Yali Talabanga ku Peetero, Adereya ye yali amuleese awo. Bwe yamulaba nga ajja awo, n'amugamba nti, “Erinnya lyo ggwe Simooni, Oli mwana wa Yona.” Yamuwa erinnya lye, n'Amubuulira kiki kye yali.

N'abuulira Nassanayiri we yali, ne bye yali akoze.

Omukazi, n'embeera gye yalimu, obuzibu bwe yalina, n'obunafu bwe yalina.

Oyo ye Katonda, bannange! Bameka ekyo abakikkiriza n'emitima gyammwe gyonna, mugambe nti, “Oyo alina kuba Katonda”?

86 Bameka ku mmwe abali muno abamanyi nti ssirina kintu kyonna kye nkumanyiiko, wanika omukono gwo, ogambe bugambi nti, “Mmanyi nti omusajja oyo talina kintu kyonna ky'ammanyiiko, mu-muntu buntu”? Ky'ekyo kye ndi, muganda wammwe kyokka. Ndi wano kugezaako kubayamba.

Wabula nnangirira! Bameka abasomye ku kitabo kyange n'ebirala? Ggwe, omanyi, okkiriza ago nti ge Mazima? Zino z'ennaku ez'oluvannyuma. Kale kaakati Yesu Mukama Atuyambe.

Era ssinga Ajja akawungeezi kano… Kale waleme kubaawo n'omu ku mmwe atambula. Beerera ddala mu ntebe yo w'oli era okkirize, kale Mukama Yesu Ajja kujja akawungeezi kano Akakase ebintu bino bye Yayogera. Ebintu bino bye Yasuubiza. Bw'Anaabikakasa nga ge Mazima, onaamukkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.” Omuk.] Kkiriza!

87 Kitaffe ow'omu Ggulu, kaakano nkwogeddeko, kiki kye Wali, kiki ky'Oli, kaakano Vvaayo buvi Olabike wano. Era abantu abo abatudde ebweru eyo mu kibiina, bagenyi bennyini, Weeyoleke gye tuli akawungeezi kano, Mukama, tulyoke tukumanye era tutegeere nti Ebyawandiikibwa bino bituukiridde, nti “Yesu Kristo y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna”? Awo nno bwe kiba nti tuli mu nnaku zisembayo, nga bwe Yagamba nti Alyebikkula mu nnaku ez'oluvannyuma, nga bwe Yakola e Sodoma nga omwana omusuubize tannatuuka eri Ibulayimu, kale, ezzadde lya Ibulayimu eddangira eriri mu kunoonuya Omwana

omulangira, ekintu ky'ekimu kigenda kubeerawo. Kale weetegereze ne mu bifo, ebiseera, amannya, na buli kimu kyonna kikwataganira ddala, Kitaffe. Tuyambe, tusaba, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

88 Kati njagala mmwe musabe, buli omu. Kyonna ekikyamu ka kibe ki, ggwe musabe busabi. Kaakati ye Kabona Omukulu.

Ye ate, abaweereza bameka abali wano mu kizimbe, muwanike emikono gyammwe, buli wamu wonna? Ndowooza baliwo asatu oba ana. Kati bameka ku mmwe kino abakimanyi, nti Ekitabo ky'Abaebbulanyia, Endagaano Empya, etugamba mu kiseera kino kyennyini nti, "Yesu Kristo ye Kabona Omukkulu akwatibwako ennaku yaffe"? Muwanike emikono gyammwe ogambe nti, "Mmanyi ge Mazima."? Ky'ekyo Baibuli ky'egamba"? Ekyo kituufu. Kale.

Awo nno, bw'Aba nga ye Kabona Omukulu, Y'omu jjo, leero n'emirembe gyonna. Awo nno bw'omukwatako akawungeezi ka leero, Aba Ajja kukola nga bwe Yakola edda. Kituufu ekyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.] Nga jjo bwe Yakola.

89 Kale, omukazi oyo bwe yakwata ku kyambalo Kye. Ogamba nti, "Oh, naye ssinga nsobola!" Okukkiriza kwo kukikwatako. Okuwulira n'olususu ng'okwatiddwaako, ssi kwe Yawulira. Kwali kukkiriza kwa mukazi, kwe kwakwata ku kyambalo. Okukkiriza kwo kuyinza okumukwatako kaakati. Okikkiriza ekyo?

Awo nno Ekigambo kya Katonda bwe kirabisibwa, Ajja kubikkula ekintu ky'ekimu ekyo era Alage ekintu ky'ekimu. Okikkiriza ekyo n'omutima gwo gwonna? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.] Kale, kaakati mwesige bwesizi, mukkirize. Tobuusabuusa. Wabula beera n'okukkiriza mu Katonda, nti Ajja kukikola. Ali erudda *eno*, saba busabi era okkirize bukkiriza n'omutima gwo gwonna, ate omulala erudda *eno*. Era Katonda ssinga Anaaganyayo omuntu omu oba babiri b'omanyi, ekitawakanyizibwa, bameka ku mmwe olwo abanakkiriza nti tutongozza Okubeerawo Kwe?["Amiina."] Awo nno ekyo nga ky'ekyetaagisa. Ekyo ky'ekyetaagisa.

90 Omukyala atudde awo wennyini, antunuulidde, wawanise omukono gwo, oli mulwadde wa mutima. Okkiriza nti Katonda Ajja kuwonya omutima, otereere? Oli mulwadde wa mutima. Bwe kiba nti ekyo kituufu, wanika omukono gwo. Ndi mupya gy'oli, tokimanyi? Naye ago ge mazima, kale, ggwe, omukyala, alina envi atudde awo. Kale.

Omukyala ayambadde kiragala, wawanise omukono gwo awo. Nti ggwe-ggwe…Obuzibu bwo kulumizibwa mu nnyingo. Okkiriza nti Katonda Ajja kukuwonya, n'obulwadde bw'ennyingo? Ekyo bwe kiba nti kituufu, wanika omukono gwo. Olaba? Kyakasituka… Kaakati waliwo Ekintu Ekizze waggulu w'omutwe gwo, ssi bwe kiri? Labayo, Ekitangaala Ekyo. Bameka abaali balabye ku kifaananyi ky'Ekitangaala Ekyo? Kiikyo awo Kirengejja. Waggulu wennyini ku mukazi. Mbagirawo enneewulira ennungi empoomu ekuzzeeko. Ekyo ky'ekikikoze, labayo. Katonda Akuwadde omukisa, Akuwonyezza, oteredde. Okikkiriza?

91 Okkiriza nti Amanyi ekikyamu ekikuliko? Yekka y'Asobola okukuwonya. Kisiikirize kikwafu, bigenge. Ekyo bwe kiba nga kituufu, wanika omukono gwo, omuwala omuvubuka. Engeri gy'olowoozaamu kati njawufu ku bw'ebadde eddakiika ntono emabegako, ssi bwe kiri? Olaba bwe ndekedde awo okuyita, okukola ekyo? Kibadde ky'ekyo, kibadde kikyo. Kaakati bw'onokkiriza n'omutima gwo gwonna, ebisiraani ebyo bijja kukuleka. Onaakikkiriza n'okukisembeza n'omutima gwo gwonna? Mukama Akuwe omukisa. Genda, kikkirize.

Ono omukyala atuulidde ddala wano, obulwadde bumuli mu lubuto, okkiriza nti Katonda Agenda kukuwonya? Eri emabega ddala, okkiriza nti Katonda Agenda kukuwonya, Atereeze olubuto lwo? Okikola, okukkiriza? Kale. Mukama Akuwe omukisa.

Ndi mupya eri omukazi, ssimumanyi. Mukazi bukazi atudde awo, naye Katonda y'Amumanyi. Okkiriza n'omutima gwo gwonna kaakati? [Ekibiina kiddamu nti "Amiina."-Omuk.] Kale, beera bubeezi na kukkiriza.

92 Omukyala atudde wano wennyini awasemba, alwadde akawago. Alina obuyinja mu kawago, ekibumba, kikutawaanya. Ekyo bwe kiba nga kituufu, wanika ku mukono gwo; ndi mupya nnyo gy'oli, ekyo bwe kiba nti kituufu. Olaba?

Omukazi akuliraanidde ddala, naye mulwadde. Kiikyo kirabe, tokiraba Ekitangaala ekyo waggulu w'omukazi oyo? Omukazi ekimuluma nsigo. Ky'ekyo. Alina obutwa mu nsigo ze. Ekyo bwe kiri, ssi bwe kiri? Oli wa mu Iowa. Ova mu kibuga ekiyitibwa Des Moines. Ekyo kituufu, ssi bwe kiri? Okkiriza nga Katonda asobola okumbuulira erinnya lyo, nga bwe Yagamba Peteero? Bw'onakkiriza n'omutima gwo gwonna! Erinnya lyo ggwe mukyala Wolff. Ky'ekyo, wanika omukono gwo. Kale ddayo owonyezeddwa kaakati, Katonda Akutereezezza.

Otegeera Okubeerawo Kwe, okimanyi nti Waali wano? Awo nno temujja buli omu kussa mikono gye ku munne, nga Omwoyo Omutukuvu Abaliko. Oyo ye Mwoyo Omutukuvu ku ggwe. Kaakati mwenna buli omu asobola okuwonyezebwa kaakti ssinga mukikkiriza bukkiriza. Okikkiriza n'omutima gwo gwonna? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.]

93 Kitaffe Ow'omu Ggulu, tewakyali kisigadde okuggyako okukkiriza kwokka. Kati tuwemuukiriza ekizikiza kyonna. Okudda obuggya, nga bwe nnagambye ku ntandikwa, ejjengo likka ku mazzi okugasuukunda, okugaggyamu obutakkiriza bwonna; kaakano nga Omwoyo Omutukuvu Atambulatambula mu bantu eno n'eri, nsaba obutakkiriza bwonna buggibwewo, era amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu gasumuleule buli muntu yenna abonaabona akawungeezi kano.

Nenya Setani. Setani, toli kirala wabula kiguumaaza, naye oyanikiddwa wakati wano mu bantu, olw'obukakafu bw'Ebyawandiikibwa bya Yesu Kristo Eyazuukira. Nkulagira, olwa Katonda Omulamu nti, vva mu bantu bano baleke bagende, olw'ekitiibwa kya Katonda.

Abo bonna abakkiriza okuwonyezebwa kwabwe, muyimirire ku magulu gammwe kati mugambe nti, "Nzikiriza. Ssi nsonga kiki ekibaawo, oba kitwala bbanga ki, nsigala mmanyi nti enda kuba bulungi. Nkikkiriza, n'omutima gwange gwonna.

Kaakati muwanike emikono gyammwe. "Weebale, Mukama." Mukama Yeebazibwe. Ekyo kituufu, mumutendereze. Kaakati muwanike emikono gyammwe mumutende olw'okuwonyezebwa, nga bwe mukola mu makanisa gammwe. Ow'oluganda…

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7